EBYAFAAYO
BY'OBULAMU BWANGE

Leka tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera katono tusabe.

Kitaffe Ow'omuggulu ow'ekisa, mazima ddala mukisa munene gwe tulina okukusemberera Ggwe, Katonda waffe era Omulokozi waffe. Bwe tuwulira oluyimba luno olulungi ennyo, *Nga Oli Mukulu,* kituwa essanyu kubanga tumanya nti Oli mukulu. Era tusaba obukulu Bwo bulabisibwe buggya nate gye tuli, olw'eggulo luno, nga bwe twogera. Kati oluwalo lwange lutuuse, omulundi ogusoose mu myaka emingi, okugezaako okuddayo mu byafaayo by'obulamu, era nkusaba ompe amaanyi na—na buli kye nneetaaga, Mukama, okuyimirira mu kiseera kino. Era nsaba ensobi zange zonna mu bulamu buno zifuuke eddaala abalala kwe basobola okulinnyira, okubayamba okubaleeta okumpi naawe. Kikole, Mukama. Leka aboonoonyi balabe ekisinde ky'ebigere mu musenyu gw'ebiseera, era baluŋŋamizibwe okujja gy'Oli. Ebintu bino tubisabye mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Amiina.

Muyinza okutuula.

2 [Ow'oluganda Glover agamba nti, "Oyinza okusooka n'osabira ebiremba bino nga tonnatandika?"—Omuk.] Nnaasanyuka okukikola. ["Eby'okusabirwa waliwo *ebyo* ne *bino*."] Kale, ssebo, weebale. Nga omusajja ono omutukuvu, Ow'oluganda Glover, gwe mmanyidde kati emyaka egiwerako, nnafunye omukisa okubeerako naye okumala akaseera eggulo. N'ambuulira ku. . .yali yawummulako okumala akaseera, nga awummuddemu. Naye kati, ku myaka nsanvu mu etaano egy'obukulu, akomyewo nate mu buweereza bwa Mukama. Ssiri mukoowu nga bwe nnabadde nga ekyo sinnakiwulira. Nnalowoozezza nti ndi mukoowu, naye ssi—ssikkiriza nti ndi mukoowu. Yakanteerawo wano ebiremba, mu—mu ngeri y'amabaasa, n'ebirala, nga biri munda mu go nga bipakiddwa.

3 Kaakati, mmwe abawuliriza ku leediyo, oba abali wano, abaagala okufuna ku biremba bino, nga mwandyagadde. . . Ekkanisa ya Angelus Temple ebigaba bulijjo n'ebibatuusaako, ekiseera kyonna. Osobola okuwandiikira Angelus Temple n'okiweereza bajja kukisabira, kubanga mbakakasa Kyawandiikibwa. Kisuubizo kya Katonda.

4 Era ssinga kiba nti wandyagadde mbeeko kye nsabira nga kikyo, weewaawo, ekyo nnaasanyuka okukikola. Ojja kumpandiikira ku kasanduuko ka posita 3-2-5, 325,

Jeffersonville, kiwandiikibwa J-e-f-f-e-r-s-o-n-v-i, ne l bbiri, e. Jeffersonville, Indiana. Oba bw'oba tosobodde kujjukira nnamba y'akasanduuko ka posita, wandiika buwandiisi "Jeffersonville." Kabuga katono, kalimu abantu bawera nga emitwalo esatu n'ekitundu. Buli omu eyo ammanyi. Kale tunaaba basanyufu okubaako ekiremba kye tusabira ne tukikuweereza.

5 Era, kati, mu kukola kino tufunye obuwanguzi obw'amaanyi ddala, kubanga . . . Ojja kufunirako engeri y'akabaluwa akannyonnyola ebikikwatako, akalaga nti abantu mu nsi yonna babeera mu lujegere lw'okusaba buli ssaawa ssatu ez'okumakya, ne ku ssaawa mukaaga ez'omuttuntu ne ku ssaawa mwenda ez'olw'eggulo. Kati osobola okukubamu akafaananyi, abo ababeera mu bitundu by'ensi eby'enjawulo, ssaawa mmeka ze baba balina okuzuukukirako eyo mu kiro okwetaba mu kusaba kuno. Kale abantu bano bonna emitwalo, emirundi nkumi na nkumi, bwe basindika essaala eri Katonda mu kaseera keekamu ku lw'obuweereza buno, ku lw'endwadde ekuluma, amazima Katonda tasobola kugaana kuwulira kusaba okwo. Era kati ffe, nga bwe ŋŋamba, tetulina nteekateeka zonna za kuteekamu ssente, tetweetaaga nnusu yadde n'emu. Tuli . . . Kasita tuba nga tusobola okukuyamba, tuli wano kukola ekyo. Era leka tu . . .

Waliwo aleeta ekisaaganda ekirala eky'ebiremba.

6 Kaakati, bw'oba tolinaawo kiremba kye wandyagadde kusindika, kale, era, wandiika buwandiisi. Bw'oba tokeetaagirawo kati, katereke mu Kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume, mu Bayibuli, mu ssuula ey'e 19. Era kajja kuba mu ngeri ya kagoye akasaliddwa nga katono ke kanaakusindikirwa, nga kuliko n'endagiriro y'okwenenyaamu ebibi byo okusooka. Era (weebale) n'endagiriro y'okwenenyaamu ebibi byo. Togezangako okubaako ne ky'osaba okufuna okuva ewa Katonda nga tosoose kutabagana na Katonda. Olaba? Era mu kino olagirirwa n'okuyita baliraanwa bo, n'omusumba wo. Bw'obeera n'ensonga yonna mu mutima gwo ku muntu yenna, sooka ogende ogitereeze, olyoke okomewo. Awo osabe, obeere n'okusaba mu maka go, osibire akagoye kano ku lugoye lwo olw'omunda, awo okkirize Katonda. Era mu ekyo buli luvannyuma lwa ssaawa ssatu, buli lunaku, wajja kubaawo abantu abali mu kusaba okwetooloola ensi yonna, olujegere lw'okusaba mu nsi yonna.

7 Kati kaba kako, si ka kusasulira, ggwe weereza buweereza ndagiriro. Era—era, kati, tetujja kukuwandiikiranga kukusaba ssente wadde okukubuulira ntegeka ki ze tulina ezeetaaga okuwagira n'ensimbi. Twandyagadde owagire enteekateeka, naye tetu—tetulinaawo nteekateeka ekwetaagisa kuwagira na ssente zo. Okiraba? Kale ojja . . . Ekigendererwa si kukufunako bikwata ku wa gy'obeera, wabula kutuwa ngeri nnyangu

ey'okukutuusaako obuweereza bwa Mukama waffe, bwe tugezaako okutwala mu maaso.

8 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe. Era bw'oba nga owuliriza ku leediyo, akatambaala ko kateeke awo, kateekeko omukono gwo nga bwe tusaba.

9 Mukama ow'ekisa, tuleeta gy'Oli ebitereke bino ebitonotono, ebimu ku byo oba oli awo birabika okuba bu veesiti bw'abaana, oba—oba obusaati obw'omunda, oba omugogo gw'obugatto, oba—oba ekintu, nga akatambaala, ebigenda eri abalwadde n'abanyigirizibwa. Mukama, kino tukikola kusinziira ku Kigambo Kyo. Kubanga tusoma, mu Bikolwa by'Abatume, nti baatwalanga okuva ku mubiri gw'omuweereza Wo, Pawulo, obutambaala n'ebiremba, kubanga baali bakkiriza nti Omwoyo Wo ali ku musajja oyo. Era emyoyo emibi gyavanga ku bantu, n'okunyigirizibwa n'endwadde ne bibavaako, kubanga bakkirizanga. Weewaawo kaakano tukitegeera, Mukama, nti si ffe Omutukuvu Pawulo, wabula tumanyi nti Ggwe okyali Yesu y'omu. Era tukusaba okkirize okukkiriza kw'abantu bano.

10 Era lumu kyayogerwa nti Isiraeri, mu kugezaako okugondera Katonda, baakwatibwa mu katego, nga ennyanja ebali mu maaso, ensozi nga zibali erudda n'erudda, nga n'eggye lya Falaawo lyeyongera okubasemberera. Era waliwo eyagamba, nti "Katonda yatunula wansi okuyita mu Mpagi y'Omuliro eyo, n'amaaso agajjudde obusungu, ennyanja n'etya ne yeeyawulamu, n'ekolawo ekkubo abaana ba Isiraeri bayitewo bagende mu nsi ensuubize."

11 Ai Mukama, ddamu otunule wansi, ebiremba ebiri mu bitereke bino bwe binaateekebwa ku mibiri gy'abalwadde mu kujjukira Ekigambo Kyo ekiramu. Era leka endwadde zitye, tunula okuyita mu Musaayi gw'Omwana Wo, Yesu, Oyo eyafa olw'omutango guno. Era leka omulabe atye era aveewo, abantu bano basobole okuyingira mu kisuubizo, ekigamba nti "Okusingira ddala," nti kwagala Kwo "tubeere n'obulamu obweyagaza." Kikole, Kitaffe, kubanga tubisindika ne—n'endowooza bw'etyo mu mitima gyaffe. Era ekyo kye kiruubirirwa kyaffe. Tubisindika mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Weebale, Ow'oluganda Glover. Weebale, ssebo.

12 Kaakati, engeri akawungezi ka leero gye kali nti kwe kuggalawo ekitundu kino eky'okudda obuggya, ssimanyi oba lunaaweerezebwa ku leediyo oba nedda, naye (bwe lutaawerezebwe) njagala okugamba abo abatuwuliriza ku leediyo, nti luno lubadde lumu ku nkuŋŋaana ezikyasinze okuba ennungi ze nnaabadde nazo, mu myaka emingi ennyo. Lubadde olukuŋŋaana oluggumivu, olulimu embeera entegeevu, olukyasinzeeyo okubaamu okwagala, n'enkolagana lwe nnali nneetabyemu mu bbanga eddene.

13 [Ow'oluganda agamba nti, "Tuli ku mpewo okutuusa ku ssaawa kkumi n'eddakiika kkumi na ttaano, ow'oluganda. Era bakuwuliriza, wonna mu maserengeta ga California, eyo yonna mu bizinga, ne ku mmeeri eziri eyo. Tufuna obubaka okuva gye bali. Kale olina ekibiina kinene ekikuwuliriza, abantu nkumi n'emitwalo."—Omuk.] Weebale, ssebo. Ekyo kirungi nnyo. Ekyo nsanyuse okukiwulira. Mwenna Katonda abawe omukisa.

14 Bulijjo mbaddenga n'akafo akeekusifu mu mutima gwange eri ekkanisa eno eya Angelus temple, olw'engeri gy'eyimiridde ku lw'Enjiri enzijuvu eya Yesu Kristo. Era, kati, ki—kirabika nga kati eyeeyongedde okunkwatirako ddala nga nze. Kirabika nga, oluvannyuma lw'okusisinkana buli omu n'okulaba omwoyo omulungi gwe balina, ndabika nga nneeyongedde okuba omu ku mmwe okusinga bwe nnali mbadde. Okusaba kwange kuli nti, Katonda abawe omukisa. Era . . . [Ekibiina kikuba mu ngalo—Omuk.] Mwebale, bambi.

15 Kaakati, kyasaliddwawo nti olwa leero nnabadde wa kubeera nga ayogera gye muli ku: *Ebyafaayo By'Obulamu Bwange*. Ekyo ki—kintu kizibu gyendi. Guno gwe gugenda okuba omulundi ogusoose gwe nnaagezaako okukyogerako oluvannyuma lw'emyaka mingi. Naye era ssijja kuba na budde bumala kukigenda mu buziba, wabula nja kwogerako ekitundu ku kyo. Era, mu kino, nkoze ensobi nnyingi, nkoze ebintu bingi ebibadde ebikyamu. Kale nja kubasaba, mmwe abali eyo ku leediyo nammwe abali wano mu buliwo, muleme kutwala nsobi zange nga ebyesittaza, wabula zibabeerere amadaala kwe mulinnyira okusobola okwongera okubasembeza kumpi ne Mukama waffe Yesu.

16 Ekirala, akawungeezi ka leero, kkaadi z'ab'okusabirwa zijja kugabibwa ku lw'olukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa olw'akawungeezi kano. Kati, bwe twogera ku *lukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa*, tekitegeeza nti tugenda kubaako gwe tuwonya, wabula tugenda "kubaako ne gwe tusabira." Katonda ogw'okuwonya y'agukola. Abadde bubeezi wa kisa gyendi, okuba nti ayanukula okusaba.

17 Nnali njogerako n'omuteesiteesi w'enkuŋŋaana z'omubuulizi w'enjiri omu omututumufu, wano gye buvuddeko, ne—ne wabaawo ekibuuzo lwaki omubuulizi w'enjiri ono tasabira balwadde. Omubuulizi w'enjiri n'ayanukula eri—eri omuteesiteesi w'enkuŋŋaana zange, n'agamba nti, "Ssinga . . . " Omubuulizi w'enjiri ono akkiririza mu kuwonyezebwa kw'Obwakatonda. Naye nti ssinga atandika okusabira abalwadde, kiba kijja kutaataaganya olukuŋŋaana lwe kubanga enkuŋŋaana ze zisasulirwa amakanisa agawerako. Amakanisa mangi, ate nga mangi ku go, tegakkiririza mu kuwonyezebwa kw'Obwakatonda.

18 Kale omubuulizi w'enjiri oyo mmussaamu ekitiibwa kubanga akuuma ekifo kye, obuvunaanyizibwa bwe. Oba oli awo ya . . . Ssisobola kutwala kifo kye, era mbuusabuusa oba nga asobola okutwala ekyange. Wabula ffenna tulina ebifo byaffe mu Bwakabaka bwa Katonda. Ffenna tugattiddwa wamu. Ebirabo bya njawulo, naye Omwoyo ali omu. Okulabisibwa kwa njawulo, kye ntegeeza, naye Omwoyo ali omu.

19 Kale, kati, akawungeezi ka leero enkuŋŋaana zijja kutandika . . . Ndowooza baagambye nti omwoleso gw'eby'okuyimba gujja kutandika ku ssaawa kkumi na bbiri n'ekitundu. Era, kati, bw'oba oli eyo nga owuliririza ku leediyo, jangu owulirize ku bino. Ki . . . Kijja kuba kirungi, bwe kiba bulijjo.

20 Njagala n'okubategeeza nti kkaadi z'ab'okusabirwa zijja kugabibwa amangu ddala nga olukuŋŋaana luno lwakaggwa, amangu ddala nga olukuŋŋaana luno lwakasiibulwa, bw'oba wano nga weetaaga kkaadi ey'ab'okusabirwa. Nnategeezeddwa mu ddakiika ntono eziyise, nti mutabani wange oba Mw. Mercier oba Mw. Goad, be bajja okuba nga bagaba kkaadi z'ab'okusabirwa. Musigale busigazi mu bifo byammwe. Amangu ddala nga olukuŋŋaana luno lwakasiibulwa, sigala mu kifo kyo abavubuka basobole okuyitaayita mu lunyiriri bagabe kkaadi z'ab'okusabirwa mu bwangu ddala nga bwe kisoboka. Abo abanaabeera ku myaliiro egya waggulu oba ku mwaliiro ogutuukirwako wansi, oba awalala wonna, emyaliiro egya wansi ne wonna w'oli, sigala busigazi mu kifo kyo era abalenzi bo bajja kumanya nti weetaaga kkaadi y'ab'okusabirwa. Kale ekiro kya leero tujja kuba tusabira abalwadde. Era Mukama bw'anaaba takyusizza ndowooza yange, njagala kubuulira ku ky'okuyigako ekiro kino ekigamba nti, *Bw'Onaatulaga Kitaffe, Ekyo Kinaatumala.*

21 Kaakati njagala okubaako ekitundu kye nsoma olw'eggulo luno, okusobola okutandika ku *Byafaayo By'Obulamu,* nga kisangibwa mu Kitabo kya Abaebbulaniya, essuula ey'e 13, era leka tutandikire wano nga ku . . . ka ŋŋambe awo nga ku lunyiriri olw'e 12.

> *Era ne Yesu kyeyava abonabonera ebweru wa wankaaki, alyoke atukuze abantu n'omusaayi gwe ye.*
>
> *Kale tufulume okugenda . . .* gy'ali *ebweru w'olusiisira, nga twetisse ekivume kye.*
>
> *Kubanga wano* tetulina *kibuga ekibeerera, naye tunoonya ekigenda okujja.*

22 Kaakati ekitundu ekyo ekisomeddwa kya ngeri. Kubanga, mukiraba nti, bwe biba byafaayo bya bulamu, oba ekintu kyonna ekikwata ku muntu, ekyo si kye tugulumiza, naddala e—ebyayita ebikwata ku muntu, bwe biba bibadde bizibu nnyo nga ebyange bwe bibadde. Wabula ndowoozeza nti, ssinga tusoma

Ekyawandiikibwa, Katonda ajja kuwa Ekyawandiikibwa omukisa. Era ekirowoozo kyange kye kino:

> Nti *wano tetulinaawo kibuga kya lubeerera, wabula tunoonya ekyo ekijja.*

23 Kaakati, mmanyi nti mwenyumiririza nnyo mu kibuga Los Angeles. Mulina eddembe okukola ekyo. Kibuga kikulu, era kirabika bulungi. Wadde nga kirumu omukka ogwonoona obutonde n'ebirala, naye era kibuga ekirabika obulungi, kirina n'embeera y'obudde ennungi. Naye ekibuga kino tekisobola kuwangaala lubeerera, kiteekwa okubaako ne lwe kikoma.

24 Nnali nnyimiriddeko mu Rooma (eyo awaali bassekabaka b'amatwale) n'ebibuga bye baalowoozanga nti bazimbye bya lubeerera, naye nga kati balina kusima wansi ffuuti nga abiri okutuuka ku bisigalira byakyo.

25 Nnali nnyimiriddeko mu kifo Bafalaawo we baasinziiranga nga bafuga obwakabaka bwabwe obw'amaanyi, naye nga kati olina kusima wansi mu ttaka okusobola okuzuula ebifo Bafalaawo abakulu we baasinziiranga okufuga.

26 Ffenna twagala nnyo okulowooza obulungi ku bibuga byaffe n'ebitundu by'ewaffe. Naye, jjukira nti, tebisobola kubeerera.

27 Bwe nnali nkyali mulenzi muto nnagendanga awali omuti omunene ennyo. Gye nsibuka tulina emiti mingi egy'embaawo eŋŋumu. Kale twalina emiti gino eminene, egiyitibwa sugar maple, n'egyo gye tuyita "maple omugumu" ne "maple agonda." Omuti guno omwagagavu, gwe gwali gusinga okulabika obulungi. Era buli lwe nnavanga mu nnimiro, okusala n'okusiba omuddo ne—n'okukungula ebirime, nnayagalanga nnyo okugenda wansi w'omuti guno omunene ne—ne ntuula wansi waagwo ne—ne ntunula waggulu. Ne ntunuulira amatabi gaagwo, amanene ag'amaanyi nga bwe gayuuga nga gafuuyibwa embuyaga, nga gali ku nduli yaagwo ennene ennyo. Muli ne ŋŋamba nti, "Omanyi, nzikiriza omuti guno gujja kubeera wano okumala ebikumi n'ebikumi by'emyaka." Naye ekiseera kitono gye buvuddeko nnaddayo okulaba omuti guno omukadde, nga gwonna gwasigala lutiititi lwokka.

28 "Kubanga wano tetulinaawo kibuga kya lubeerera." Nedda, ku nsi kuno tewali ky'oyinza kutunuulira kiriwangaala lubeerera. Kiteekwa okubaako enkomerero. Buli kintu ekifa kiteekwa okuviira obutafa. Kale ne bwe tuzimba enguudo zaffe obulungi tutya, ne bwe tuyooyoota ebizimbe byaffe okwenkana wa, byonna biteekwa okuggwaawo, kubanga wano tewali kisobola kuwangaala lubeerera. Okuggyako ekyo Ekitalabika kye kyokka ekibeerawo lubeerera.

29 Nzijukira ennyumba mwe twabeeranga, yali nnyumba eyazimbibwa n'enduli z'emiti nga yakubibwa obudongo. Nna . . . Ndowooza bangi abatalabanga ku nnyumba ya budongo. Naye yonna yali yakubibwa obudongo, era enduli z'emiti ennene

ddala ezaali mu nnyumba eyo enkadde, zandowoozesanga nti ennyumba eyo yali ya kuwangaala emyaka bikumi na bikumi. Naye, omanyi, ennyumba eyo we yali olwa leero waliwo pulojekiti ya bizimbe eby'amaanyi. Waawukana nnyo ku kiri. Buli kintu kikyuka. Naye. . .

30 Era nnateranga okulaba kitange, yali musajja mumpimpi, muggumivu, wa maanyi, era yali omu ku basajja abatono ab'amaanyi be nnali mmanyi. Nnasisinkana Mw. Coots, omusajja gwe yakolanga naye mu busalamala, yali musalamala, ekyo kyaliwo omwaka nga gumu oguyise, era Mw. Coots mukwano gwange nnyo, era mudiinkoni mu kkanisa ya First Baptist, n'aŋŋamba nti, "Billy, oteekwa okuba nga oli musajja wa maanyi ddala."

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssiri wa maanyi, Mw. Coots."

31 N'agamba nti, "Ssinga wali wafaanana kitaawo, naawe bwe wandibadde." N'agamba nti, "Nnalaba omusajja oyo, eyali azitowa kilo nkaaga mu nnya, nga atikka endoddo y'oguti eweza kilo bina mu munaana, ku kigaali bw'omu yekka." Yali mukugu mu ekyo. Yali wa maanyi. Nnamutunuuliranga bwe yajjanga okunaaba nga tunaatera okulya emmere, Maama bwe yabanga amuyise.

32 Awo mu luggya twalinawo omuti omukulu ogwa apo, nga waliwo n'emirala emitono esatu oba ena ku mabbali nga odda emmanju. Kati nga ku muti ogw'omumakkati kuliko endabirwamu enkadde, eyali yayatika, endabirwamu, ennene. Eyali yawangibwa ku ludda lw'omuti nga ewaniriddwa emisumaali egiweteddwa. Nga giri nga egimu ku gino mmwe ababazzi abawuliriza gye mwandiyise "egiwanikibwako ekkooti." Gyali giweteddwa gisobole okuwanirira endabirwamu nga nnywevu. Era waaliwo n'akakebe akakadde omwaterekebwanga ebisanirizo. Bameka abaali balabye ku kakebe akakadde. . . akakebe ak'enkola enkadde omwaterekebwanga ebisanirizo? Nsobola n'okukalaba na kati.

33 Era waaliwo n'akabaawo kwe twanaabiranga, kaalinga kabaawo nga kakomereddwa ku nkondo eyeewunziseemu, nga kakomereddwa ku muti. Waaliwo ka ppampu, akakadde, ak'amazzi ag'olunnyu mwe twaasundanga amazzi, ge twakozesanga ku muti guno omukadde. Era Maama yateranga okuddira akadeeya k'obuwunga n'akakolamu obwangwe. Wano waliwo eyali akozesezza ku kyangwe ekikoleddwa mu kadeeya k'obuwunga? Ddala, nkakasa ndi mu bantu bange kaakati. Wabula ebyangwe ebyo, ebinene ebikalabula! Era ffe abato bwe yatunaazanga, nga a. . . nga owulira nga akususumbulako eddiba buli lwe yabanga akusiimuula. Era ssiryerabira kadeeya ka buwunga ako. Era yasowolangamu ezimu ku wuzi zaako, n'akolamu obujwenge, mu ngeri y'okukitonaatona.

34 Bameka abaali beebase ku mufaliso gw'obusubi? Kale, leka—leka njogere! Bameka abamanyi omutto gw'ebisusunku? Weewaawo, Ow'oluganda Glover, kati ndi mu baana b'eka, ddala! Omufaliso gw'obusubi, ddala, tewannayita bbanga ddene okuva lwe nnasembayo okugusulako, era gwali. . . Ha, wee—weebaka bulungi, muweweevu. Ate mu biseera by'obutiti ne bagwaalako omufaliso omulala ogw'ebyoya, omanyi, naffe ne batubikkako ekitundu ky'ettundubaali kubanga omuzira gwafuuwanga ne guyingira okuyita mu—mu—mu njatika z'ebisenge by'ennyumba, omanyi, ebibaawo we byagattirwanga, omanyi, omuzira mwe gwawagaanyanga okuyingira. Era, ha, ekyo nkyakijjukira bulungi ddala.

35 Kati Taata yalinanga ekikuuta kye yakozesanga mu kumwa ekirevu. Mma. . . Kati kino kigenda kubajjukiza. Kyali kyakolebwa mu bikuta bya kasooli, ekikuuta eky'okumwesa ekikoleddwa mu bikuta bya kasooli. Yaddiranga ssabbuuni wa maama gwe yakolanga, n'amukolamu ekyovu n'akyesiiga mu maaso nga akozesa ekikuuta kino ekikoleddwa mu bikuta bya kasooli, awo n'alyoka amwako ekirevu nga akozesa ekyambe ekyo, eky'enkola enkadde ekigolokofu kye baamwesanga. Era ku Ssande nga addira e—ebitundutundu by'empapula, n'abyetoolooza ekitogi kye, baayambalanga ebitogi ebyagattirwanga ku ssaati n'amapeesa kati nga abizingirira ku kitogi kyonna bw'ati okusobola oku—oku—okwewala ekyovu kya ssabbuuni okukoona ku kitogi ky'esaati ye. Ekyo mwali mukirabyeko? Ha, bannange, bannange!

36 Nzijukira oluzzi olukadde emmanga, gye twagendanga okunywa ku mazzi, mwe twasenanga amazzi nga tukozesa olwendo lw'endeku. Bameka abaali balabye ku lwendo lw'endeku? Kale, ye abaffe, bameka ku mmwe abasibuka mu Kentucky? Weewaawo, ky'ekyo, laba wano wonna banna Kentucky. Kati, bannange, ndi—ndi wakati mu ba. . . Mbadde ndowooza nti bano bonna ba Okies ne ba Arkies, naye kirabika nga Kentucky esengukira eno. Weewaawo, baazuula amafuta mu Kentucky emyezi mitono egiyise, mumanyi, kale oba oli awo y'ensonga lwaki abamu ku bo bagenda bajja eno.

37 Ate nzijukira Taata bwe yakomangawo n'anaaba mu ngalo nga tugenda okulya emmere, yafunyanga emikono gy'essaati ye, ne ndaba emikono gye emimpi egy'asiba emifumbi. Era bwe yagololanga emikono gye okunaabako, nga bw'ayiwa amazzi mu maaso ge, ebinywa by'emikono gye byonna nga bizannya. Era nnagambanga nti, "Omanyi, taata wange ajja kuwangaala atuuke ku myaka kikumi mu ataano." Yali wa maanyi nnyo! Naye yafa wa myaka ataano mu ebiri. Mulaba? "Wano tetulinaawo kibuga kibeerera." Ky'ekyo. Tetusobola kuwangaala lubeerera.

38 Kati leka tubeeko olugendo lwe tukwata, ffenna wamu. Buli omu ku mmwe abali wano alina ebyafaayo by'obulamu bwe, nga nange bwe mbirina, era kirungi olumu n'olumu okwejjukanya

ebyaliwo edda. Mmwe mulowooza mutya? Ne wejjukanya, kale leka ffenna twejjukanyeeko okumala akaseera, ku ebyo bye tufaanaganya bye twayitamu bwe twali tukyali bato.

39 Era kino ky'ekitundu ekisooka eky'ebyafaayo by'obulamu bwange. ŋŋenda kukikoonako bukoonyi, kubanga kiri ne mu katabo ate bangi ku mmwe akatabo mukalina.

40 Nnazaalibwa mu kayumba k'embaawo ka kyuyi kimu ak'omu nsozi, waggulu mu nsozi z'e Kentucky. Twalina ekisenge kimu mwe twasulanga, wansi ku ttaka nga tekuli kiwempe, yadde embaawo ku ttaka, wansi lyali ttaka jjereere. Era twalina ettundutundu ly'endoddo, nga lyatemwa ne liyungibwako amagulu asatu, eyo ye yali emmeeza yaffe. Era obwana obwo bwonna bu Branham obuto bwetooloolanga awo wonna, n'emiryango w'akayumba kano akakadde, ne bwewalulira wabweru awo nga oyinza okulowooza nti buno obusolo bu oposaamu bwe bwabadde bwewalulira awo mu nfuufu, omanyi, obw'oluganda obuto obwo bwonna. Twali mwenda ffenna awamu, n'akawala kamu, era kaasisinkana obuzibu bunene okukulira mu balenzi abangi bwe batyo. Leero tusaanye okumuwa ekitiibwa okusinziira ku bintu bye twakolanga mu nnaku ezo. Teyasobolanga kugenda naffe wantu wonna, twamugobanga addeyo eka, kubanga yali muwala. Kale kyamuyitirirangako, nga bwe mumanyi. Kale twalinanga . . . Era bonna . . .

41 Mujjukira nti okwetooloola emmeeza waaliwo entebe bbiri zokka, era nga zombi zaakolebwa mu makooko ga matabi ga miti. Gaali matabi ga nnongo agasibiddwa awamu, ate ku ntobo yaago w'otuula ne gasibibwa n'ebikuta by'ennongo. Waliwo eyali alabye ku ntebe ekoleddwa mu kikuta ky'ennongo? Weewaawo. Ne Maama nkyasobola okumuwulira. Ha, oluvannyuma bwe twasobola okufuna embaawo wansi mu nnyumba, nga alera abaana abo *bw'ati,* nga bwe yeewuuba mu ntebe eyo enkadde eyabanga ekoona be ddo, ddo, wansi ku ttaka. Era nzijukira mu kugezaako okuziyiza obwana obwo okufuluma mu mulyango, bwe yabanga ayoza oba nga waliwo ky'akola, yaddiranga entebe n'agiwunzika n'agikiika mu mulyango, okusobola okuziyiza abato okufuluma bwe yabanga agenze ku luzzi okukima amazzi, n'ebirala bye yabanga akola.

42 Kati Maama yalina emyaka kkumi n'etaano we nnazaalirwa, nga Taata alina kkumi na munaana. Era nze nnali omuggulanda ku baana mwenda. Era baŋŋamba nti ku makya g'olunaku lwe nnazaalibwa . . .

43 Kaakati, twali baavu nnyo, abasingayo obwavu mu baavu. Ne ku kayumba kano tetwalinaako ddirisa. Kaaliko akaggi k'ekibaawo ke waggulanga. Mbuusabuusa oba mwali mulabye ku kintu ekifaanana bwe kityo. Kaali kaggi ka kibaawo akaggulwanga mu kifo ky'eddirisa, nga mukaggula emisana

wonna ne mukaggala nga buzibye. Mu nnaku ezo tetwalina mataala ga masannyalaze yadde okugamba okukoleeza tadooba, wabula twalina kye twayitanga "ettaala ekozesa amasavu." Kati, ssimanyi oba mumanyi ettaala ekozesa amasavu bwe yali efaanana. Kale, mu . . . Mwali muguze . . . mukumye ku kitawuliro ky'ekkongolijjo lya payini? Nga oddira ekkongolijjo lya payini n'olikoleeza n'olyesigamya ku kisaanikira, ne limulisa. Era ekyo . . . weewaawo kyanyookanga omukka omutonotono, naye ekirungi, mu nnaku ezo tebaalinanga bibajje mu maka, ebyandyononeddwa omukka. Kale kya . . . akayumba ke kaabunanga omukka. Kyakolanga bulungi kubanga akasolya kaali kakoma waggulu nnyo nga omukka guyitamu bulungi. Kale kya . . .

44 Kati nnazaalibwa nga—nga 6 Apuli, 1909. Weewaawo, mumanyi nti, awo mbeera wa myaka abiri mu etaano n'okusoba kati. Kale nno, amakya kwe nnazaalirwa, Maama yagamba nti baggulawo eddirisa. Kati, tetwalina basawo, waaliwo muzaalisa. Wa . . . Era omuzaalisa oyo ye yali jjajjange omukazi. Kale bwe nnazaalibwa n'enkaaba omulundi gwange ogwasookera ddala, awo—awo Maama n'ayagala okulaba ku mwana we. Kyokka—kyokka nga naye kennyini kumpi yali akyali mwana bwana. Kati bwe baggulawo akadirisa, nga obudde busaasaana, ku ssaawa nga kkumi n'emu ez'okumakya. Ne . . . Waaliwo ennyonza eyali mu kasiko awo okumpi. Nga mwenna bwe mwalaba ekifaananyi kyayo mu—mu katabo kange ak'ebyafaayo byange. Ennyonza eyo yali awo nga eyimba n'amaanyi gaayo gonna.

45 Bulijjo njagala nnyo ennyonza. Kati, bavubuka mmwe abawuliriza eyo ku leediyo, temutta binyonyi byange. Omanyi, ebyo—ebyo—ebyo . . . Ebyo binyonyi byange. Mwali muwulidde ku lugero lw'ennyonza, engeri gye yafunamu ekifuba ekimyufu? Ka nsooke nkome awo katono. Bw'eti bwe yafuna ekifuba kyayo ekimyufu . . . Waaliwo Kabaka wa bakabaka eyali afa olumu ku Musaalaba, Yali abonaabona nga tewali ayinza kujja gy'Ali kumuyamba. Teyalina wa kumuyamba. Kati waaliwo akanyonyi aka kitakataka akaayagala okusikamu emisumaali mu Musaalaba, ne kabeera nga kabuukira ku Musaalaba nga bwe kabojja emisumaali egyo. Kaali katono nnyo nga bambi tekasobola kugisikamu, bwe katyo ekifuba kyako ne kimyuka olw'okubuna omusaayi. Era okuva ku olwo ekifuba kyako kyasigala kimyufu. Bambi bavubuka, temukatta. Mukaleke.

46 Kaali katudde awo ku mabbali g'eddirisa, nga kacoccolya nga ennyonza bwe ziyimba. Awo—awo Taata n'asindika akadirisa okudda ebweru. Era bwe baasindika akadirisa okudda ebweru, Ekitangaala ekyo kye mulaba mu kifaananyi ne kiyingira nga kyetooloola okuyita mu kadirisa, maama bw'agamba, nti ne kiyimirira waggulu w'ekitanda. Jjajjange omukazi n'eby'okwogera byamubula.

47 Kaakati, tu . . . tetwali maka masomi ga ddiini. Abantu bange Bakatuliki. Ku njuyi zombi eza bazadde bange Baayiriisi. Kitange Mwayiriisi ddala, ye Branham. Mmange ye Harvey; okuggyako nti, kitaawe yawasa Omuyindi nnansangwa omu Cherokee, kale ekyo ne kinafuyaamu ku musaayi gw'Ekyayiriisi. Era Kitange ne Mmange tebaagendanga mu kkanisa, era tebaagattibwa mu kkanisa era tebaalina ddiini yonna. Ate eyo mu nsozi tewaaliyo ekereziya y'Abakatuliki yadde. Kale baali bajjira mu abo abaasooka okusenguka, bajja enju bbiri eza ba Branham, kati mu abo mwe mwava omugigi gwonna ogwa ba Branham; obwo bwe buzaaliranwa bwaffe.

48 Kati bwe yaggulawo . . . Bwe baggulawo akadirisa kano Ekitangaala kino ne kyesimba munda muli, tebaamanya kya kukola. Taata yali yaakeegulira (Maama ye yagamba) woovolo empya olw'ekiseera kino ekikulu. Taata yali ayimiridde ne . . . nga emikono gye agitadde mu nsawo ya woovolo enkadde, nga bannabibira n'abasalamala bwe baakolanga mu biseera ebyo. Kale kyabatiisa.

49 Oluvannyuma, bwe nnali mmaze ennaku nga kkumi, oba bwe zityo, bantwala mu kkanisa y'Ekibaputisiti eyitibwa "Opossum Kingdom," ekkanisa y'Ekibaputisiti eya Opossum Kingdom. Eryo nno linnya. Waalingayo omubuulizi eyayitanga mu kitundu nga abuulira, omubuulizi ono ow'enkola enkadde ey'Ekibaputisiti yayitangayo omulundi nga gumu buli luvannyuma lwa myezi ebiri. Ku . . . Abantu baabeeranga n'okusabira awamu, ne bayimba ennyimba, wabula okubuulira baakufunanga mirundi egyo omubuulizi gye yayitangamu. Buli mwaka baamusasulanga ekkutiya y'ensujju n'ebintu ebitonotono bwe bityo, omanyi, abantu bye baabanga basobodde okuwaayo ne bimuweebwa. Era omubuulizi ono omukadde bwe yayitayo, n'ansabira nga nkyali kalenzi kawere. Ogwo gwe gwali omulundi gwange ogwasooka okulinnya mu kkanisa.

50 Awo ku myaka nga . . . nga nnakasussa ku myaka ebiri, okwolesebwa okwasooka ne kubaawo.

51 Kaakati, baali bakitambuzza wonna eyo mu nsozi nga Ekitangaala kino bwe kyali kyajja ne kiyingira. Kale nga bagezaako okukikubaganyaako ebirowoozo. Abamu ku bo baagamba nti kiteekwa okuba nga kyali kitangaala kya njuba nga kye kyakuba ku ndabirwamu mu nnyumba. Naye mu nju temwali ndabirwamu. N'ekirala enjuba yali tennavaayo, kale bwali ku makya nnyo, ku ssaawa kkumi n'emu ez'okumakya. Kale, ha, Ekyo tebaakissaako mwoyo. Era bwe nnaweza . . . nga nnaatera okuweza emyaka esatu . . .

52 Kati, nteekwa okuba omwesimbu. Waliwo ebintu wano bye ssaagala kwogera, era nga mpulira nnandibibuuse ne ssibyogera. Naye ate, bw'obeera wa kwogera amazima, oteekwa okwogera amazima ne bwe gaba nga gakwata ku ggwe kennyini oba

ku bantu bo. Beera mwesimbi mu kyo, awo kijja kuba kye kimu bulijjo.

53 Kitange teyalina kakwate na bya kubeera munnaddiini. Yali muvubuka munnansozi eyanywanga omwenge bulijjo, buli kiseera. Era lumu yagwa mu buzibu bwe yeetaba mu kulwana, nga mu kulwana okwo abasajja babiri oba basatu kaabula kata bafe bwe baali balwanagana, nga bwe bakubagana amasasi, n'okutemagana ebiso, ku kabaga akamu akaali eyo waggulu mu nsozi. Era Taata yali omu ku basaale b'olulwana luno, kubanga waaliwo mukwano gwe eyali alumiziddwa, nga yali akubye omulala akatebe. Era yali . . . Omusajja yali asowoddeyo ekiso nga agenda kusala mukwano gwa Taata nga amufunzirizza ku ttaka n'ekiso, nga ayagala kukimufumita mu mutima, kyokka Taata ne yeewaayo mu kifo kye. Era luteekwa okuba nga lwali lutalo luzibu ddala, kubanga, okuviira ddala awo okutuuka e Burkesville, mayiro nnyingi okuva awo, baasindika omupoliisi, ku mbalaasi, anoonye Taata amukwate.

54 Kale omusajja oli yali agudde awo nga abulako katono okufa. Oba oli awo waliwo abamu ku bantu be abawuliriza mu kaseera kano. Ka njogere erinnya lye, yali ayitibwa Will Yarborough. Oba oli awo . . . Ndowooza abamu ku bo bali mu California, abamu ku batabani be. Wabula yalinga mujoozi, yali musajja wa maanyi, yatta ne mutabani we nga amuttisa kyuma kya lukomera. Kale yali—yali musajja wa maanyi era nga wa mutima mubi. Kale waaliwo olutalo lw'ebiso olw'amaanyi ddala wakati we ne Taata. Era kitange kaabula kata atte omusajja oyo, bw'atyo yawalirizibwa okudduka okuva mu Kentucky n'asomoka omugga n'ajja mu Indiana.

55 Kati yalina muganda we, mu kiseera ekyo, eyali abeera mu Louisville, Kentucky, nga ye yali amyuka omukulu wa Wood Mosaic Saw Mills mu Kentucky, mu Louisville. Bw'atyo Taata n'ajja okunoonya mukulu we. Taata ye yali asinga obuto mu balenzi, mu baana bonna ekkumi n'omusanvu. Bw'atyo n'ajja okunoonya mukulu we, era yamalayo kumpi omwaka mulamba. Nga tasobola kukomawo, kubanga yali anoonyezebwa amateeka. Kati oluvannyuma twamuwulizaako okuyita mu bbaluwa, gye yawandiikako erinnya eddala, naye nga yali yagamba Maama bwe yali ow'okumuwuliza.

56 Era nzijukira lumu ku luzzi (akayumba kano ak'embaawo) oluzzi lwakali mmanju. Era—era mu kaseera ako oluvannyuma lwa . . . Waliwo mwenda . . . waliwo ebbanga lya myezi kkumi na gumu wakati wange ne muganda wange anzirako, era yali akyayavula. Kati nnali nkutte ejjinja eddene mu ngalo zange, nga ngezaako okumulaga nga bwe nnali nsobola okulikasuka mu ttosi, awo ensulo we zaali zikulukutidde okuva mu ttaka nga zikozeewo oluttosittosi. Ne mpulira ekinyonyi, nga kiyimbira mu muti. Bwe nnatunula waggulu mu muti ogwo ekinyonyi

ne kibuuka ne kigenda, era, bwe kyabuuka, Eddoboozi ne lyogera gyendi.

57 Kati, mmanyi muli mulowooza nti ssisobola kulowooza na kubijjukira ebyo. Naye Mukama Katonda Oyo Omulamuzi, w'ensi n'eggulu n'ebirimu byonna, amanyi nti njogera mazima.

58 Ekinyonyi ekyo, bwe kyabuuka ne kigenda, Eddoboozi ne liva wali ekinyonyi we kibadde mu muti, nga embuyaga ewambiddwa mu kisaka, ne Ligamba nti, "Olibeera okumpi n'ekibuga ekiyitibwa New Albany." Era okuva nga nnina emyaka esatu okutuusa leero, mbeera mu kitundu ekyo, ekiri mayiro ssatu okuliraana New Albany, mu Indiana.

59 Nnagenda ne nkibuulira maama. Naye, ye n'alowooza nti ndoota oba ekintu bwe kityo.

60 Waayitawo akaseera ne tusengukira mu Indiana era Taata n'agenda okukolera omusajja, Mw. Wathen, omusajja omugagga. Ye nnanyini ssogolero ly'omwenge erya Wathen Distilleries. Era yalinamu emigabo mingi nnyo; musajja nnagagga alina obukadde n'obukadde bwa ddoola, ne ttiimu y'omuzannyo gwa baseball eya Louisville Colonels, ne—n'omuzannyo gwa baseball, n'ebirala. Bwe tutyo ne tusenga kumpi awo. Kati Taata engeri gye yali omusajja omwavu, kyokka nga tasobola kubeerawo awatali kunywa mwenge, bwatyo ya—yagenda n'atandika okuyiisa walagi mu—mu ssengejjero.

61 Kati ekyo ne kinkaluubiriza nnyo ebitagambika kubanga nze nnali nsinga obukulu mu baana bonna. Nnalinanga okujja ne nsomba amazzi ag'okukozesa ku ssengejjero lino, okuwozaawoza enseke ezo bwe baabanga bakola omwenge. Oluvannyuma n'agutundanga, n'aweza amasengejjero nga abiri oba asatu bwe gatyo. Kati, ako ke katundu ke ssaagala kwogerako, naye ate nga ge mazima.

62 Era nzijukira lumu, bwe nnava ku kiyumba ky'ebisolo, nga nzija awali ennyumba, nga nkaaba. Kubanga emmanju w'ekifo ekyo waaliyo ekidiba, mwe...mwe baateranga okutemera ebibajjo by'omuzira. Bangi ku mmwe mujjukira bwe baatemanga omuzira ebibajjo ne baguteeka mu lufufugge lw'embaawo. Kale, bwatyo Mw. Wathen bwe yaterekanga omuzira eyo mu kyalo. Era Taata ye yali—yali omugoba we, omugoba we eyamuvuganga bulijjo. Kale bwe...ekidiba kino bwe kyalimu ebyennyanja bingi er bwe baagendanga okutemaatema omuzira ne baguleeta ne baguteeka mu lufufugge lw'embaawo, awo omuzira bwe gwatuukanga ekiseera ne gusaanuuka nga ebiseera by'omusana bituuse, awo omuzira ogwo gwabanga muyonjo ka tugambe, nga gufaananako nga omuzira gw'okunnyanja, baagukozesanga, si kunywa, wabula kunyogoza mazzi, nga bagwetoolooza obulobo bwabwe n'amata gaabwe, n'ebirala.

63 Kati lumu mba nva okukima amazzi okuva ku nayikonto, eyali yeesuddeko akatemerero. Nga ndi awo nkaaba bwe nneemulugunya ebitayogerekekeka, kubanga nnali nvudde ku ssomero ate nga abalenzi abalala bonna baali bagenze ku kidiba, kuloba byannyanja. Nnanyumirwanga nnyo okuloba ebyennyanja. Kati abalala bonna baasobola okugenda okuloba ebyennyanja nga oggyeeko nze, kubanga nnalina okukima amazzi ag'okukozesa ku ssengejjero lino. Weewaawo, mu buli ngeri, ekyo kyava wa maama ye yaŋŋaana. Era nna... Kyankaluubiriza nnyo. Era nzijukira lwe nnavaayo nga nneekoonye akagere kantujja, nga nsibye ekikongoliro kya kasooli wansi w'akagere kange ekiwundu obutagendako nfuufu. Ekyo wali okikoze? W'oddira ekikongoliro n'okisibira wansi w'akagere ko *bw'oti* n'ozingirirako akawuzi. Ne kisitula akagere ko ne katunula waggulu nga omutwe gw'enfudu, omanyi, nga keesimbye. Nga osobola okunnondoola buli we nnayise, n'ekikongoliro kino wansi w'akagere kange; we nneekoonye, omanyi. Ssaalina ngatto za kwambala. Kale tetwayambalanga ngatto, oluusi okumala ekitundu ky'ekiseera ky'obutiti kyonna. Bwe twabanga tuzambaddeko, twa...byabanga bigattogatto bye twabanga tulonze, oba omuntu bye yabanga atuwadde. Era n'engoye zaabanga ezo, omuzirakisa ze yabanga atuwadde.

64 Kati nnayimirira wansi w'omuti guno, era mba ntudde awo nkaaba bwe nnyiziira (gwali mwezi gwa Ssebutemba) kubanga nnali njagala okugenda okuloba ebyennyanja, naye ate nga nnina okusooka okukima obulobo bw'amazzi obuwerako nga nkozesa obulobo bw'obuloddo obutono, obwali bwenkana nga *awo* obugulumivu, kitundu kya ddebe, kubanga nnali mwana muto wa myaka nga musanvu. Nga mbuleeta ne mbuyiwa mu kirobo ekinene ate ne nzirayo ne nkima obulobo obulala bubiri ne nkomawo, nga ate nze ngeesundira. Ago ge mazzi ge twalina. Kate ate ekiro ekyo baali bagenda kusengejja walagi oyo gwe bakola mu kasooli, abasajja bano abaakolanga ne Taata, engulu awaka.

65 Mba ndi awo nkaaba, amangu ago ne mpulira ekintu ekiwaawaala nga embuyaga eyeebonga, mu ngeri bweti (ka nsuubire nti kino tekiwaawaala nyo), kyali bwe kiti "Whoooossssh, whoooossssh," nga kiwaawaala bwe kityo. Nga, ate waaliwo akasiriikiriro akatiisa, ne mmagamaga okwetooloola awo wonna. Kati mumanyi kye bayita, embuyaga eyeebonga, oba mugiyita mbuyaga eyetooloola nga ekola akazindaalo? Mu biseera wakati w'omusana n'obutiti mu mwaka embuyaga ezo zitandika okuyita mu misiri gya kasooli, omanyi, ebikoola n'ebirala, mu biseera wakati w'omusana n'obutiti awo, nga ebikoola bitandiikiriza okukyuka. Kati nnali wansi w'omuti omwalava omunene omweru, ogwali wakati w'ekiyumba ky'ebisolo n'e—n'ennyumba. Ne mpulira okuwuuma okwo. Naye bwe nnatunulatunula awo wonna, nga wonna wasiririfu nga

bw'olaba mu kisenge kino. Nga tewali yadde akakoola konna akavaamu eddoboozi, yadde ekintu kyonna. Awo ne ndowooza muli nti, "Okuwuuma okwo kuva wa?" Kale, muli ne ndowooza nti, "Kulabika kuli wala okuva wano." Nga era akalenzi akato. Naye okuwuuma okwo ne kweyongera ne kweyongera ne kuba kwa maanyi.

66 Ne nsitula obulobo bwange ne nkaabamu awo emirundi nga ebiri nga bwe nnyiziira ne nsimbula okweyongerayo mu kakubo, okuva we nnali mpummuliddemu. Mba nnaakasimbula ebigere bibale okuva awo, ŋŋenda okuwulira nga mu matabi g'omuti guno omunene, nga, ha, bannange, ne muvaamu eddoboozi ery'okuwuuma. Ne nkyuka ndabe, ŋŋenda okulaba nga wagguluggulu nga mu makkati g'omuti ogwo waliwo omuyaga omulala oguwuumirawo, nga guwambidde mu muti ogwo nga bwe gwetooloola, nga guwuumira mu makoola ago. Ekyo, weewaawo ssaakiraba nga ekyewuunyisa kubanga mu kiseera ekyo eky'omwaka ekyo kitera okubaawo, ne mu kiseera ekyo wakati w'akasana n'obutiti, nti, emiyaga egyo egyebonga gijja. Katono . . . Tugiyita "miyaga egyebonga." Era gi—era gisitula enfuufu mu bbanga. Mwali mugirabye mu ddungu bwe gityo. Kye kimu. Bwentyo ne ntunula, naye nga teguvaawo. Bulijjo gukunta bukunsi okumala akaseera, oluvannyuma ne gugenda, naye wano gwali gumazeewo eddakiika nga bbiri n'omusobyo nga teguseguka.

67 Bwentyo, ne nsimbula nate okweyongereyo mu kakubo. Ne nziramu ne nkyuka okwetegereza ekintu kino. Era Kino bwe kyaddamu, Eddoboozi ly'omuntu eriwulikika nga bwe muwulira eryange, ne ligamba nti, "Togezanga n'onywa omwenge, ssigala, oba okujaajaamya omubiri gwo mu ngeri yonna. Waliwo omulimu ogwakutegekerwa okukola nga okuze." Ekyo, kyantiisa nnyo kata nfe! Ggwe kubamu akafaananyi omwana omuto bwe yandiwulidde. Obulobo nnabusuula eri, ne nziruka emisinde egy'amaanyi nga bwe nsobola okudda eka, nga bwe mpoggana okwekutula.

68 Kati mu bitundu by'eyo waaliyo emisota egyo egiyitibwa copperheads, emisota, era nga gya busagwa nnyo. Maama ye yalowooza nti, oba oli awo bwe mbadde nsalinkiriza mu nnimiro nnandiba nga nninnye ku musota bw'atyo n'adduka okujja gyendi. Ne mbuuka ne ngwa mu mikono gye, nga bwe nkaaba, ne mmunyweeza nga bwe mmunyweegera. N'agamba nti, "Obadde ki, omusota gukubozze?" Nanneekebejja nzenna.

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, Maama! Waliwo omusajja ali mu muti guli emmanga wali."

69 N'agamba nti, "O, Billy, Billy! Vvaawo naawe?" N'agamba nti, "Oba wawummulidde mu kkubo otulo ne tukutwala?"

70 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, maama! Mu muti guli mulimu omusajja, era aŋŋambye nti ssinywanga omwenge era ssifuuwanga ssigala."

71 "Okunywa walagi ne—n'ebirala." Kyokka nga mu kaseera ako kennyini, nnali nsomba mazzi ga ssengejjero lya walagi. Era Agambye nti, "Tonywanga omwenge yadde okujaajaamya omubiri gwo mu ngeri yonna." Ebyo by'eby'obuseegu, omanyi, era mu buto bwange. . . mu buvubuka bwange ku bikwatagana n'abakazi. Era nga bwe mmanyi, sseetabangako mu bikolwa bwe bityo. Mukama yannyamba n'antaasa ebintu ebyo, era nga bwe ŋŋenda mu maaso mujja kweyongera okukiraba. Kale nti, "Tonywanga omwenge era tofuuwanga ssigala, yadde okujaajaamya omubiri gwo, kubanga waliwo omulimu ogwakutegekerwa nga okuze."

72 Kale, ekyo nnakigamba Maama, naye—naye ye n'ansekerera busekerezi. Kyokka nga nzenna nnali wakati mu kutya. N'atumya omusawo, n'omusawo n'agamba nti, "Kirabika, atidde buti, kye kyokka." Bwatyo n'anneebasa. Era okuva ku olwo, okutuusa leero, ssiddangayo kuyita kumpi na muti ogwo. Nnatya. Nnatandika okwekooloobyanga ku ludda luli olw'ennimiro, kubanga nnali ndowooza nti waggulu mu muti ogwo mwalimu omusajja era nga Ye yali ayogera nange, mu Ddoboozi eryo eddene eryayogera.

73 Kati nga wayiseewo omwezi nga gumu oluvannyuma lw'ekyo, mba nzannya dduulu ne baganda bange, ebweru mu luggya. Amangu ago ne mpulira nga waliwo embeera enneetoolodde etali ya bulijjo. Ne ndekera awo okuzannya ne ntuula wansi awo ku mabbali g'omuti. Era twali tubeera kumpi n'olubalama lw'Omugga Ohio. Ne ntunula emmanga okwolekera Jeffersonville, ne ndaba olutindo nga lusituka ne lubuuka omugga, ogwo, ne lugatta enjuyi zombi ez'omugga. Ne ndaba abasajja kkumi na mukaaga (nnababala) nga bagwa okuva waggulu ne bafiirwa obulamu bwabwe ku lutindo olwo. Ne nziruka bunnambiro ne mbuulira maama, n'era n'alowooza nti mbadde nneebase bwebasi. Naye baasigala bakyabijjukira, era bwe waayita emyaka abiri mu ebiri okuva ku olwo Olutindo lwa Munisipaali kati (bangi ku mmwe lwe musomokerako wali) lwazimbibwa okusala omugga mu kifo kye kimu, era abasajja kkumi na mukaaga be baafiirwa obulamu bwabwe nga bazimba olutindo olwo ku mugga ogwo.

74 Tekiremwangako kutuukiririra ddala. Nga bwe mukiraba wano mu kizimbe, bwe Kityo bwe kibadde buli kiseera.

75 Kati, baalowooza nti nnali ntidde buti. Weewaawo, ndi muntu atya, ekyo kituufu. Era, bw'oba wali weetegerezza, abantu aba—abatera okuba ab'omwoyo batera okubaamu okutya.

76 Tunuulira abatontomi ne bannabbi. Tunuulira William Cowper eyawandiika oluyimba olwo olumanyiddwa ennyo, "Waliwo ensulo ejjudde Omusaayi, ogukulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri." Mwali mu. . . Oluyimba olwo mulumanyi. Ebbanga ssi ddene eriyise lwe nnayimirira we yaziikibwa. Ow'oluganda Julius, nzikiriza, ssimanyi oba, nedda. . . weewaawo, ky'ekyo, yali naffe bwe twalambula we yaziikibwa. Era—era awo, bwe yamala okuwandiika oluyimba olwo, okuluŋŋamizibwa kwamuvaako, n'agezaako okunoonya awali o—omugga agwesuulemu afe. Olaba, nga Mwoyo amuvuddeko. Era abantu nga abatontomi n'abawandiisi ne. . . manya si. . . manya bannabbi.

77 Tunuulira Eriya, bwe yayimirira ku lusozi n'ayita omuliro okuva mu ggulu n'ayita n'enkuba okuva mu ggulu. Kyokka Mwoyo bwe yamuvaako, n'adduka nga omukazi amutiisizzatiisizza. Katonda yamusanga yeekukumye mu mpuku, nga wayise ennaku amakumi ana.

78 Tunuulira Yona, nga aliko okuluŋŋamizibwa okumala Mukama bwe yamufukaako amafuta okubuulira mu Nineeve, okutuusa e—ekibuga ekyenkana ekya St. Louis lwe kyenenya ne beesiba ebibukutu. Naye Mwoyo bwe yamuvaako, kiki ekyamutuukako? Tumusanga waggulu ku lusozi nga Mwoyo amuvuddeko, nga asaba Katonda aggyewo obulamu bwe. Era, okiraba, kuba kuluŋŋamizibwa. Era ebintu bino bwe bibaawo, ki—kirina kye kikukola.

79 Era nzijukira bwe nnakula. Nnatuuka mu myaka egy'ekivubuka. (Ka nnyanguwe nsobole okubimalayo mu kaseera katono.) Bwe nnavubuka nnalina ebirowoozo eby'enjawulo nga abavubuka abalala bonna. Nna. . . okusoma, nnaalabanga abawala abato. Omanyi, nnalina ensonyi nnyingi, omanyi. Naye nna—nnamala ne nfunayo omuwala gwe nnayagala. Era nga abavubuka abalala bonna abato bwe babeera, ab'emyaka nga kkumi n'etaano, ndowooza. Kale—kale nno, ha, yali alabika bulungi. Bannange, yalina amaaso nga galinga ag'ejjiba, nga alina amannyo gatangalijja nga amayinja ag'omuwendo, nga alina ensingo nga ey'embaata, nga—nga alabika bulungi ddala.

80 Kati waaliwo akavubuka akalala, kaali. . . twali ba mukwano, ne kaleeta emmotoka ya taata waako enkadde eya modulo-T Ford, ne tutwalako abawala baffe okubawaamu. Twali tugenda kubawaamu, kubavugamu. Essente ze twalina zaali zigula ggalani bbiri eza petulooli. Omupiira gw'emabega twalinanga okusooka okugusitulangamu okusobola okuginyoola okugyakisa. Ssimanyi oba ekyo mukijjukira oba nedda, omanyi, okuginyoola okugyakisa. Naye twa—twabanga bulungi ddala.

81 Era nnalinamu obunusu obutonotono mu nsawo y'empale yange, bwetutyo tulina we twayimirira mu kafo akamu ne

tufunayo . . . akagaati ka sandiwiici wali osobola okukagula ku nnusu emu. Kale bwentyo, ha, nnali mugagga, nga nsobola okugulayo nga buna! Olaba? Bwe twamala okulya sandiwiici n'okunywa sooda wa Kooka, nnatandika okuzzaayo amacupa. Ekyanneewuunyisa, mba nkomawo, (abakazi baali kye bajje batandike okwonooneka empisa mu biseera ebyo, manya okwonooneka kw'empisa z'abakazi) nnasanga ka nnalulungi kange kafuuwa ssigala.

82 Weewaawo, bulijjo mbaddenga n'endowooza eyange ku bwange ku mukazi yenna afuuwa ssigala, era ssigikyusangako n'akatono ne gye buli eno. Ky'ekyo. Ekyo kye kintu ekisingayo okuba ekya wansi omukazi ky'ayinza okukola. Era ago ge mazima gennyini. Era nna—nnalowooza nti . . . Kati, kkampuni ya ssigala yandinnoonya oluvannyuma lw'okwogera kino, naye, mbabuulira, ako kategо ka ssetaani. Ssigala ye nnamutta era omusekeeterezi asingirayo ddala eggwanga lino gwe lirina. Mutabani wange waakiri abeera omutamiivu naye nga tabadde munywi wa ssigala. Ago ge mazima. Mukyala wange waakiri nnandimulaba nga agangayidde ali ku ttaka, atamidde, naye nga ssimulabye na munwe gwa ssigala. Bwe kityo . . .

83 Kaakati, Omwoyo wa Katonda ono ali nange, bwe kiba nga Gwe Mwoyo gwa Katonda (nga bwe muyinza okubuusabuusa), mmwe abanywa ssigala muba mulina akakisa katono nnyo bwe mutuuka awo, kubanga ekyo . . . buli kiseera. Mulaba ku kituuti, engeri gy'Akinenya. Kintu kibi nnyo. Mukyeewalire ddala. Mmwe abakyala, bw'oba nga ekyo obadde okikola, mwattu, mu Linnya lya Kristo, kyewale! Akukutula. Ajja kukutta. Ajja . . . Oyo—oyo kookolo ajjuza ebigaali n'ebigaali.

84 Abasawo bagezaako okubalabula. Naye ate kyewuunyisa engeri gye basobola okubaguza ebintu ebyo! Ssinga ogenda mu dduuka y'eddagala n'ogamba nti, "Ngula . . . Njagala kugulayo kookolo wa ssente ataano." Nkukakasa, edduuka eryo bandizze ne baliggala. Naye ate bw'ogula ssigala wa ssente ataano, oba oguze ekintu kye kimu. Abasawo bwe bagamba. Ha, omuntu alabye n'eggwanga lino eryagwa eddalu olw'okwagala ssente. Mubi nnyo. Nnamutta. Kyakakasibwa.

85 Kati, bwe nnalaba omuwala ono omulungi nga yeefudde omugezi ennyo, n'omunwe gwa ssigala mu ngalo ze, ekyo kaabula kata kinzite, kubanga nnali mpulira mmwagala nnyo. Muli ne ndowooza nti, "Kale . . . "

86 Kati, mpitibwa "alina obukyayi ku bakazi," ekyo mukimanyi, kubanga bulijjo kirabika mbeera nvumirira abakazi, naye mmwe Bannyinaffe si mwe be nvumirira. Kye nvumirira ye ngeri abakazi b'omulembe guno gye beeyisaamu. Ky'ekyo. Abakazi ab'empisa ennungi tusaanidde okutambulanga nabo.

87 Naye nkyajjukira essengejjero lya kitange bwe lyali likyakola, nnalina okulikimiranga amazzi n'ebirala, nnalabanga abakyala abato abaali batasussa myaka kkumi na musanvu, kkumi na munaana egy'obukulu, engulu eyo nga bali n'abasajja ab'emyaka gyange kati, nga batamidde. Era nga okubazza engulu bamala kubawa kaawa omuka, basobole okudda eka bafumbire babbaabwe eky'eggulo. Ha, teeberezaamu ekintu nga ekyo, ne ŋŋamba nti, "Ssi . . ." Nnaboogerangako mu biseera ebyo nti, "Omuntu bwatyo ne bw'omukuba essasi n'afa liba lifudde bwereere." Ky'ekyo. Era nnali nkyawa abakazi. Ky'ekyo. Era nnina okwegendereza buli kaseera kati, okulaba nga nneewala okulowooza ku kintu kye kimu ekyo.

88 Kale, naye kati, omukazi omulungi abeera jjinja lya muwendo mu ngule ya bba. Omukazi oyo asaanidde okussibwamu ekitiibwa. Ye . . . Mmange mukazi, ne mukyala wange kye kimu, era balungi nnyo. Nnina ne bannyinaffe Abakristayo nkumi na nkumi be nzisizaamu ddala ekitiibwa. Naye ssinga—ssinga basobola okussa ekitiibwa mu ekyo Katonda kye yabakola okuba, okubeera bannakazadde era nnabakyala yennyini, tewaba mutawaana gwonna. Omukyala, ye kintu ekimu ku bisinga obulungi Katonda bye yawa omusajja. Nga oggyeeko obulokozi, omukyala ye kintu ekisingayo obulungi bw'abeera omukyala omulungi. Naye bw'ataba mulungi, Sulemaani yagamba nti, "Omukazi omulungi jjinja lya muwendo mu ngule ya bba, naye oyo—oyo omwonoonefu oba ow'empisa ensiiwuufu abeera nga amazzi mu musaayi gwe." Era bwe kityo bwe kiri, kye kintu ekikyasinzeeyo obubi ekisobola okubaawo. Kale nno omukazi omulungi . . . Bw'oba olina omukyala omulungi, ow'oluganda, osaanidde okumussaamu ekitiibwa ekisingayo. Ky'ekyo, ekyo ky'osaanye okukola. Omukazi yennyini! Ate, mmwe abaana, bw'oba ne maama asigala eka n'agezaako okukulabirira, ayonja engoye zo, akusindika ku ssomero, akuyigiriza ku Yesu, maama oyo omukadde omulungi osaanidde okumussaamu ekitiibwa na buli ekiri mu ggwe. Omukazi oyo oteekwa okumuwa ekitiibwa, yee, ssebo, kubanga oyo maama yennyini omutuufu.

89 Bagenda ne boogera ku butasoma bw'ababeera mu nsozi ze Kentucky. Mubiraba wano mu bye boogera ku bitundu ebikyali emabega. Naye abamu ku bamaama abo abakadde abava eyo basobola okujja wano mu Hollywood ne babayigiriza mmwe bamaama ab'omulembe engeri y'okukuzaamu abaana bammwe. Ggwe leka lumu muwala we akomewo eka n'enviiri ezitankuuse zonna, n'emimwa . . . ne bu ssiriipu, (mubuyita mutya obwo?) ebyo bye beesiiga mu maaso gaabwe, nga yenna akateeteeyi kamumiimye ku ludda lumu, nga yasuze mu kukyakala ekiro kyonna, nga atamidde, ow'oluganda, maama oyo ajja kuwagula ettabi ly'ennongo amuswanyuule era omuwala oyo taliddamu kufuluma. Nkubuulira, aaba ajja . . . Era ssinga mubaddeko

n'abafaananako nga abo, mwandibadde ne Hollywood esingako wano obulungi, n'eggwanga erisingako wano obulungi. Ky'ekyo. Kituufu. "Naawe gezaako okulabika nga ow'omulembe," ako—ako ke kamu ku bukodyo bwa ssetaani.

90 Kati, akawala kano, bwe nnakatunuulira, omutima gwange ne gunnuma nnyo. Muli ne ndowooza nti, "Bambi kakazi kattu."

Ne kagamba nti, "O, oyagalayo omunwe gwa ssigala, Billy?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, nnyabo." Ne ŋŋamba nti, "Ssifuuwa ssigala."

91 Ne kagamba nti, "Kaakati, wagambye nti togenda mu ndongo." Baali baagala kugenda mu ndongo naye nga nze ssisobola kukikola. Baagamba nti waaliyo endongo emmanga eyo, mbu ekifo baali bakiyita Sycamore Gardens.

Naye ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssigenda mu ndongo."

92 Ne kagamba nti, "Kaakati, togenda mu ndongo, tofuuwa ssigala, tonywa mwenge. Kati ggwe weesanyusa otya?"

93 Ne ŋŋamba nti, "Kale, nnyumirwa okuloba ebyennyanja njagala n'okuyigga." Ebyo tekaabyagala.

Kale ne kagamba nti, "Kwata omunwe gwa ssigala guno."

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, nnyabo, weebale. Naye ssifuuwa ssigala."

94 Kati nnali nnyimiridde nga nninnye ku kabaawo akagatta maadigaadi. Ku zi Ford enkadde baateekangako engeri y'akabaawo, bwe muba mujjukira, kati ku kabaawo ka maadigaadi ako kwe nnali nnyimiridde, nga tutudde mu mutto gw'emabega, nze n'akawala. Ne kagamba nti, "Ky'otegeeza nti ogaanye okunywa omunwe gwa ssigala?" Ne kagamba nti, "Kitegeeza ffe abawala tuli ba mutima mugumu okukusinga."

Ne ŋŋamba nti, "Nedda nnyabo, ssikkiriza nti njagala okukikola."

95 Ne kagamba nti, "Kale, laba kisajjakikazi kino!" Ha, bannange! Nnawulira nga njagala mbeere Bill omunene ow'akabi, kale nga—nga ssaagala kumpita kisajjakikazi. Mulaba, nnali njagala kuba muwanguzi wa misipi na bikopo, ekyo kye nnali nduubirira mu bulamu. Kati ne ŋŋamba nti . . . "Kisajjakikazi! Kisajjakikazi!"

96 Ekyo nnali ssisobola kugumiikiriza kukimpita, bwentyo ne ŋŋamba nti, "Gumpe!" Ne ngolola omukono, ne ŋŋamba nti, "Leka mmukakase nti ssiri kisajjakikazi nga bw'alowooza." Ne nkwata omunwe gwa ssigala ogwo ne ntandika okusaza akabiriiti. Kati mmanyi nti mu . . . Kaakati, ssivunaayizibwa ku kye mulowooza, wabula nvunaanyizibwa okwogera amazima. Mba nkoleeza nti omunwe gwa ssigala, nga mmaliridde okugunywa era nga bwe mulaba nsitudde Bayibuli eno, mulaba, ne mpulira ekintu ekiwuuma bwe, "Whooooossssh!"

Ne nziramu ne ngezaako, naye ne ssisobola kugutuusa ku mumwa gwange. Ne ntandika okukaaba, ne ngusuula wansi. Ne batandika okunsekerera. Ne ntambula okudda eka, ne ŋŋenda mu nnimiro, ne ntuula eyo, ne nkaaba. Ddala—ddala bwali bulamu bukalubo nnyo.

97 Nzijukira lumu Taata yali aserengeta ku mugga n'abalenzi. Nze ne muganda wange, twalina okutwala eryato okulyambusa n'okuliserengesa emmanga ku mugga, nga tunoonya amacupa ag'okuteekamu wisiki. Twasasulwanga nnusu emu buli ccupa kkumi na bbiri, okugakuŋŋaanya ku lubalama lw'omugga. Taata yali nange, nga tulina emu ku zino embyabyatavu . . . ndowooza zaali ccupa ez'ekitundu kya liita. Era waaliwo omuti embuyaga gwe yali esudde, bwatyo Taata . . . N'omusajja ono eyali naye, Mw. Dornbush. Nnalina erirye . . . Yalina eryato eddungi, kale nnayagala nfune okuganja gy'ali kuba nnali njagala kukozesa ku lyato eryo. Lyaliko awasinziirwa nga okuba enkasi awalungi ate nga eryange teryalina w'osinziirira. Twalina mbaawo nkadde njereere ze twakubisanga enkasi. Nga njagala kumanya oba asobola okunzikiriza ne nkozesa ku lyato eryo . . . Kati, ye yayokyanga ebyuma era ye yakolera Taata ebyuma by'essengejjero. Kale na . . . Baalannama ku nduli y'omuti guli, awo Taata n'asowolayo akacupa ka walagi mu nsawo y'emabega ku mpale ye, n'akamukwasa n'anywako, n'akaddiza Taata naye n'anywako, oluvannyuma n'akateeka ku kikolo ekyali kikyamera awo ku mabbali g'omuti ogwo ogwali gwasuulibwa embuyaga. Awo Mw. Dornbush n'akatoolawo, n'agamba nti, "Kwata, Billy."

Ne ŋŋamba nti, "Weebale, naye nze ssinywa mwenge."

98 N'agamba nti, "Obeera otya omwana wa Branham, n'otanywa mwenge?" Ab'enju eyo bonna baafa batamiivu, kumpi. N'agamba nti, "Obeera otya omwana wa Branham, nga tonywa mwenge?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo."

"Nedda," Taata n'agamba nti, "Nnazaalayo omu nga ye musajjamukazi."

99 Kitange y'ampise musajjamukazi! Ne ŋŋamba nti, "Mpa eccupa eyo!" Ne nsikako akasaanikira k'eccupa, nga mmaliridde okugunywa, naye mba ntandika nti okuwunzika eccupa, "Whoooossssh!" Eccupa ne ngimuddiza ne nfubutuka emisinde emiyitirivu okuyita mu nnimiro nga bwe nsobola, nga nkaaba. Nga waliwo ekintu ekitanzikiriza kukikola. Mulaba? Ssiyinza kugamba nti nnalimu akalungi konna (kubanga nnali mmaliridde okukikola), wabula yali Katonda, kisa, kisa ekyewuunyisa ekyankuuma obutakola bintu ebyo. Nnali njagala okubikola, nga nze, naye Ye teyaŋŋanya kubikola.

100 Oluvannyuma ennyo nnazuula omuwala bwe nnali nnaatera okuweza emyaka nga abiri mu ebiri egy'obukulu, nga mulungi

eby'ensusso. Yali muwala eyajjumbiranga okugenda mu kkanisa, yali wa nzikiriza ey'Abaluzalaani esibuka e Bugirimaani. Erinnya lye yali Brumbach, B-r-u-m-b-a-c-h, liva mu linnya lya Brumbaugh. Era yali muwala mulungi. Yali tanywa ssigala yadde omwenge, era—era nga tagenda mu ndongo oba ekintu kyonna, nga muwala mulungi. Nnatambula naye okumala akaseera, era nna...Kati, ku myaka abiri mu ebiri awo, nnakolayo ku ssente ezansobozesa okwegulirayo emmotoka kika kya Ford enkadde, era ne...ne tutambulangako wamu. Kati, mu kiseera ekyo, tewaaliwo kkanisa ya Baluzalaani kumpi, baali baagisengula okuva ku Howard Park engulu eri.

101 Kale waaliwo...omuweereza, oyo eyanjawula mu buweereza mu kkanisa ya Missionary Baptist, Dokita Roy Davis. Mwannyinaffe Upshaw, nga y'omu eyansindikira Ow'oluganda Upshaw, manya eyayogera naye ku nze, Dokita Roy Davis. Kale ye yali abuulira, era yalina ekkanisa ya First Baptist, manya e—e...Ssikkiriza nti yali eyitibwa kkanisa ya First Baptist, erabika, yali eyitibwa Mission-...nga eyitibwa kkanisa ya Missionary Baptist e Jeffersonville. Ye yali abuulira mu kifo ekyo mu kiseera ekyo, era twagendanga ku kkanisa akawungeezi, kale...era ne tukomawo ffenna. Kyokka sseegatta ku kkanisa, wabula nnayagalanga kugendayo wamu naye. Kubanga ensonga enkulu yabanga ya "kutambulako naye," kale kisingako ne mba mwesimbu.

102 Kale nno nga ŋŋenda naye, kati lumu ne...Yali ava mu maka malungi. Ne ntandika okulowooza muli nti, "Omanyi, omanyi, ssisaanidde kwonoona budde bwa muwala oyo. Ssi ki—ssi kituufu, kubanga muwala mulungi, ate nga nze ndi mwavu era—era ndi..." Kitange yali agenze ayenjebuka mu bulamu bwe, era nna—nna...Nga tewaaliwo ngeri yonna gye ŋŋenda kusobola kulabirira muwala nga oyo, eyali amanyidde okubeera mu maka amalungi agalimu ne kapeti wansi mu nju.

103 Nzijukira kkapeti gye nnasooka okulaba, nnali ssimanyi na kiki kye kiri. Nnagiyita ku mabbali. Nnagiraba nga kye kintu ekyali kisingayo obulungi mu bulamu bwange kye nnali ndabye. "Ekintu ekirungi enkyenkanidde awo bakyalirira batya wansi?" Ye kkapeti gye nnasooka okulaba. Yali—yali emu ku zino... Nzikiriza ziyitibwa "kapeti ezaakula nga emikeeka." Kiyinza obutaba ekyo. Naye ziba nga "ensone obusonyi" oba ekintu ekitunge, kyokka nga eteekebwa wansi. Nga erimu langi ya kiragala omulungi n'emmyufu, ekimuli kya roza ekiwundiddwa mu makkati gaayo, omanyi. Nga erabika bulungi nnyo.

104 Kale nzijukira nti—nti nnasalawo mu mutima gwange mmusabe anfumbirwe, oba ssi ekyo mmuleke afune omusajja omulungi amwewasize, omuntu anaasobola okumulabirira obulungi, anaasobola okumuwa obulamu obulungi era anaasobola okuba ow'ekisa gy'ali. Nnali nsobola okuba ow'ekisa gy'ali, naye nnali—nnali—nnali nkolera ssente abiri buli ssaawa.

N'olwekyo nnali ssisobola kumuwa bulamu bulungi. Era nna . . . Awamu n'amaka gonna ge twali tulina okulabirira, ate nga obulamu bwa Taata bweyongera kuba bubi, nga nze nnina okubalabirira bonna, kale nnali mpita mu kaseera akazibu ddala.

105 Bwentyo ne ndowooza nti, "Kati, kye nnina okukola kyokka kwe kumugamba nti—nti . . . ye . . . nti ssi—nti leka mwesonyiwe, kubanga nfaayo nnyo gy'ali era nga ssaagala kumwonoonera bulamu bwe kumuguumaaza nga ssijja kusobola kumulabirira." Bwentyo ne ndowoozaamu nti, "Bwe wabaawo omuntu ayinza okumutwala n'amuwasa, bandikoze amaka amalungi ddala. Kale oba oli awo nze ne bwe mba ssisobodde kumutwala, waakiri—waakiri kyandinkoze bulungi okumanya nti gy'ali musanyufu."

106 Naye ate ne ndowoozaamu nti, "Naye ssi—ssi nga ssi—ssisobola kumala gamuleka bwentyo!" Kweggamba ne—ne mbeera mu mbeera enzibu ddala. Era nga buli lunaku nkirowozaako. Kale nnali mpulira ensonyi nnyingi okumusaba anfumbirwe. Buli kawungeezi nnamaliriranga mu mutima gwange nti, "Leero ŋŋenda kukimwatulira." Naye, bwe nnagiranga, uh, mukiyita mutya, buwojjolo, oba ekintu bwe kityo ky'owulira munda mu . . . ? Oba oli awo ab'oluganda mwenna abali eyo mwali mubaddeko mu mbeera efaanana bw'etyo ku nsonga eyo. Nga mpulira bulala nnyo, nga mpulira nga atuuyaanirira mu maaso. Nga—nga ssimanyi kiki. Ne nnemesebwa okukimwatulira.

107 Kati ndowooza mwebuuza engeri gye nnasobola okuwasa. Omanyi? Nnamuwandiikira ebbaluwa nga mmusaba mmuwase. Bw'atyo ya . . . Kaakati, ebbaluwa eyo teyali nga bw'onoogamba nti "Nnyabo omwagalwa," wabula yalimukko (nga bwe mumanyi) ku birungo by'omukwano ebisingako awo. Teyali nga—nga ndagaano, wabula yali . . . Nna—nnagiwandiika, mu ngeri esingayo gye nnali nsobola.

108 Ekirala nnyina nnali mmutya. Nnyina yali . . . yali mukambwe. Ate, naye kitaawe yali musajja Mudaaki omukkakkamu, nga muzeeyi mulungi. Ye yali omukubiriza w'obwasseruganda, bw'abakozi b'oku ggaali y'omukka, ku luguudo lw'eggaali y'omukka, nga asasulwa kumpi ddoola bitaano buli mwezi mu biseera ebyo. Nga nze asasulwa ssente abiri buli ssaawa, nze njagala okuwasa muwala we. Uh! Ekyo nga ndabira ddala tekirikola yadde. Kyokka nga nnyina ali . . . Naye, yali mukyala mulungi. Wabula yali—yali omu ku bano ab'ebibiina by'eddaala erya waggulu, omanyi, era nga alimu engeri ya bandaba batya, omanyi, kale nga tandabamu mugaso guli awo. Nnali muvubuka munnakyalo ateefiirayo, nga alaba nti Hope asaanidde kufumbirwa mulenzi omumunyungufumukko okunsinga, era ndo—ndo—

ndowooza yali mutuufu mu ekyo. Kale . . . Naye ekyo—ekyo ssaakirowoozaako mu kiseera ekyo.

109 Kati muli nnalowoozaamu nti, "Naye nno, kati, ssimanyi wa kutandikira. Ssi—ssisobola kwogera na kitaawe, ate era—era nkakasa ssigenda kwogera na nnyina. Kale nnina kusooka kwogera naye kennyini." Kati ne mpandiika ebbaluwa. Era ku makya g'olunaku olwo nga ŋŋenda okukola, ne ngisuula mu kasanduuku k'ebbaluwa. Ebbaluwa . . . Twali ba kugenda ku kkanisa ku Lwokusatu akawungeezi, kyokka ekyo nnali nkikoze ku Lwabbalaza ku makya. Nnagezaako olwa Ssande lwonna okumwatulira nti nnali njagala tufumbiriganwe, naye obuvumu obumala okukimugamba ne bumbula.

110 Kale ne nsuula ebbaluwa mu kasanduuku kaabwe ak'ebbaluwa. Ku olwo lwonna ku mulimu nnasigala nneebuuza nti, "Watya ssinga nnyina agwa ku bbaluwa eyo?" Ha, bannange! Awo ne mmanya nti mba nfudde ssinga—ssinga nnyina agigwako, kubanga yali tambalaamu ka buntu. Bwentyo, ne nsiiba nga ntuuyana olw'ekyo.

111 Kati akawungeezi k'Olwokusatu olwo bwe nnajja, ha, bannange, ne ndowooza muli nti, "Nnaasobola ntya okwambukayo ewaabwe? Nnyina bw'aba yagudde ku bbaluwa eyo wa kumpalabula, kale ka nsuubire nti yagifunye." Nnali nnagiwandiika nga egenda eri "Hope." Eryo lye lyali erinnya lye, Hope. Kuba nnagamba nti, "Leka ngiwandiikeko nti egenda eri Hope." Kale nno . . . Awo ne ndowooza nti oba oli awo ayinza okuba nga teyagifunye.

112 Kati nnali mmanyi bulungi nti teziba mpisa nnungi kuyimirira wabweru ne mmukubira ŋŋombe afulumeyo. Ha, bannange! Era omulenzi yenna atalina buvumu bumala kutambula kugenda waka n'akonkona ku luggi n'asabayo omuwala, omulenzi bw'atyo tasaanidde kubaako w'agenda na muwala oyo. Ago ge mazima ddala. Kiba kya busiru nnyo. Kiweebuula.

113 Kale nnasimba Ford yange enkadde, ate omanyi, nnali ngirongoosezza nga yonna etemagana. Ne ŋŋenda ne nkonkona ku luggi. Bannange, nnyina ye yajja ku mulyango! Kaabula kata nneme n'okussa omukka, ne ŋŋamba nti, "Oli—oli—oli otya eyo Muky. Brumbach?" Weewaawo.

114 N'addamu nti, "Oli otya William."

Muli ne ndowooza nti, "Uh-oh, 'William'!"

Na—n'ambuuza nti, "Ofaayo bw'oyingira?"

115 Ne ŋŋamba nti, "Weebale." Ne nnyingira munda. Ne ŋŋamba nti, "Hope yeetegese?"

116 Mu kaseera ako kennyini Hope n'ajja nga aligita mu nnyumba, nga muwala wa myaka nga kkumi na mukaaga. N'agamba nti, "Ogamba otya, Billy!"

117 Ne mmuddamu nti, "Ogamba otya, Hope." Ne ŋŋamba nti, "Weetegese okugenda ku kkanisa?"

N'agamba nti, "Nnindaako eddakiika emu."

118 Muli ne ndowooza nti, "Ha, bannange! Teyagifunye. Teyagifunye. Kirungi, kirungi, kirungi. Ne Hope teyagifunye, kale tewajja kuba mutawaana, kubanga yandigyogeddeko." Awo ne mpulira nga ntoowolokose.

119 Naye bwe twatuuka ku kkanisa, ate ne nneebuuza muli nti, "Naye watya nga yagifunye?" Olaba? Ssaasobola na kuwulira Dokita Davis bye yali ayogera. Nnakyuka ne ntunuulira omuwala, muli ne ndowooza nti, "Yandiba nga akisirikidde busirikizi, naye nga ajja kunjatulira nga tufulumye wano, olw'okumusaba okunfumbirwa." Nga Ow'oluganda Davis by'ayogera ssirina kye mpulira kyonna. Nga—nga ngira ne ntunuulira omuwala, ne ndowooza muli nti, "Bannange, ssaagala kumuleka, naye . . . Era ne—ne . . . nga ddala okwolekanya obwanga kuteekwa okutuuka."

120 Kale olwafuluma mu kkanisa ne tutambula wamu, nga tudda eka, ne—ne tutambula nga twolekera awaali Ford enkadde. Mu kaseera ako nga omwezi gwakayakana, omanyi, nga ngira ne mmutunulako nga ddala mulungi. Bannange, ne mmutunuulira nate, ne ndowooza muli nti, "Bannange, nga nnandyagadde abeere wange, naye ndabika ssisobola kumufuna."

121 Ne nneeyongerako mu maaso katono, omanyi, ne nziramu ne mmutunuulira. Ne ŋŋamba nti, "Owu—owulira otya ekiro kino?"

N'agamba nti, "Ha, ndi bulungi."

122 Ne tutuuka ne tusimba Ford enkadde ekyemmangako ne tugifuluma, nga bw'omanyi, okudda ku ludda, ne tuweta okwolekera ewaabwe. Mba mmuwerekera mmutuuse ku mulyango. Ne ndowoozaamu nti, "Naye omanyi, kirabika ebbaluwa teyagifunye, kale kisingako ne mbyerabira. Ekyo waakiri kinampaayo wiiki endala ey'ekisa." Muli ne mpulira bulungi.

N'agamba nti, "Billy?"

Kko nze nti, "Wangi."

N'agamba nti, "Ebbaluwa yo nnagifunye." Ha, bannange!

Ne ŋŋamba nti, "Ky'ogamba wagifunye?"

123 N'agamba nti, "Uh-huh." Ye, ne yeeyongera mu maaso, teyayongerako kigambo kirala.

124 Muli ne ndowooza nti, "Mukazi ggwe, baako ky'oŋŋamba. Oba ongoba ngoba oba ssi ekyo mbuulira kyolowooza ku nsonga eyo." Ne ŋŋamba nti, "Wa—wagisomye?"

N'agamba nti, "Uh-huh."

125 Bannange, mumanyi engeri omukazi gy'ayinza okukuteeka ku bunkenke. Ha, ssi—ssikigenderedde mu ngeri bw'etyo,

omanyi. Mulaba? Naye, era, omanyi, na—nnalowooza muli nti, "Kati lwaki tobaako ky'oyogera?" Olaba, ne nsigala nga ntambula. Ne mmubuuza nti, "Wagisomye yonna?"

Ye na . . . [Bbanga jjereere ku lutambi—Omuk.] "Uh-huh."

126 Kati tuba tunaatera okutuuka ku luggi, ne ndowooza muli nti, "Bannange, tontuusa ku kisasi, kubanga nnyinza obutabasinga misinde mu madda, bambi wandimbuulidde kati." Ne nsigala nga nninze.

127 Awo n'agamba nti, "Billy, nnandyagadde okukufumbirwa." N'agamba nti, "Nkwagala." Katonda awe emmeeme ye omukisa, kati ali mu Kitiibwa. N'agamba nti, "Nkwagala." N'agamba nti, "Naye ndowooza tusaanye okutegeeza bazadde baffe . . . abazadde ku nsonga eyo. Ggwe oteesa otya?"

128 Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, wuliriza, leka tukigabanemu wakati." Ne ŋŋamba nti, "Nze nja kugamba taata wo bw'oba nga onaagamba maama wo." Nga mmusindikira oluuyi olusingako obuzibu, okusookera ddala.

N'agamba nti, "Tewali buzibu, ggwe kasita onaasooka n'ogamba Taata."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, nja kumutegeeza ku Ssande akawungeezi."

129 Kati olwa Ssande akawungeezi bwe lwatuuka, nnamukomyawo eka okuva ku kkanisa era n'a . . . N'abeera nga ambagulizaako. Ŋŋenda okulaba, essaawa ziweze ssatu n'ekitundu, nga obudde butuuse ntere ŋŋende. Kati Charlie yali atudde ku mmeeza ye, nga akuba ttayipu. Nga Muky. Brumbach atudde ludda mu nsonda, nga waliwo ekintu ky'aluka n'empiso, nga bwe mumanyi, oba buno obuntu bwe balukira ku bintu, nga bwe mumanyi. Ssimanyi bwe mubuyita. Kale yali aluka kintu bwe kityo. Awo Hope n'abeera nga antunuulira, nga bw'antemyako, nga bw'omanyi, nga ansongera ewa taata we. Awo ne . . . Ha, bannange! Muli ne ndowooza nti, "Watya bw'agamba nti, 'Nedda'?" Kati ne nsituka okwolekera oluggi, ne ŋŋamba nti, "Bannange, ndowooza ka ŋŋende."

130 Ne ntambula ne ntuuka ku luggi, naye—naye n'ajja ku luggi nga angoberedde. Bulijjo yajjanga ku mulyango okunjagaliza "ekiro ekirungi." Kati mba ntuuka ku luggi, n'ambuuza nti, "Togenda kumubuulira?"

131 Ne ŋŋamba nti, "Huh!" Ne ŋŋamba nti, "Ddala ngezaako okukikola, naye ssi—ssi—ssimanyi bwe ŋŋenda kukikola."

132 N'agamba nti, "Ŋŋenda kuddayo munda ggwe omuyite afulume." N'addayo n'andeka nga nnyimiridde awo.

Ne mpita nti, "Charlie."

N'akyuka n'agamba nti, "Wangi, Bill?"

Ne ŋŋamba nti, "Nsobola okwogerako naawe eddakiika emu?"

133 N'agamba nti, "Ddala." N'akyuka n'ava ku mmeeza ye. Muky. Brumbach n'amutunuulira, n'atunuulira Hope, nange n'antunuulira.

Ne mmusaba nti, "Osobola okuggyako wano wabweru mu kisasi?"

N'agamba nti, "Kale, ka nfulume." Kale n'afuluma mu kisasi.

Ne ŋŋamba nti, "Kiro kirungi ddala, si bwe kiri?"

Naye n'agamba nti, "Ddala, bwe kiri."

Ne ŋŋamba nti, "Kibadde kibuguumirivu."

"Ddala bwe kibadde," n'antunuulira.

134 Ne ŋŋamba nti, "Mbadde nkola na maanyi," ne ŋŋamba nti, "omanyi, n'ebibatu byange bireese amabavu."

N'agamba nti, "Osobola okumuwasa, Bill." Ha, bannange! "Osobola okumuwasa."

135 Muli ne ndowooza nti, "O, ekyo kirungi nnyo." Ne ŋŋamba nti, "Ddala okitegeeza, Charlie?" N'agamba nti . . . Ne ŋŋamba nti, "Charlie, labayo, mmanyi nti muwala wo, ate nga ggwe olina ssente."

136 Awo n'ayisa omukono gwe n'ankwata ku mukono. N'agamba nti, "Bill, wuliriza, ssente si ye kamalabyonna mu bulamu bw'omuntu." N'agamba nti . . .

137 Ne ŋŋamba nti, "Charlie, nko—nkola ssente abiri zokka buli ssaawa, naye mmwagala era naye anjagala. Era nkusuubiza, Charlie, nti nja kukola okutuusa nga gano . . . amabavu g'omu bibatu byange gajja kuggweerera, nga mmukolerera. Nja kuba mwesigwa gy'ali nga bwe nsobola."

138 N'agamba nti, "Ekyo nkikkiriza, Bill." N'agamba nti, "Wuliriza, Bill, njagala nkubuulire." N'agamba nti, "Omanyi, essanyu, tekyetaagisa kuba na ssente okutwaliza awamu okuba n'essanyu." N'agamba nti, "Beera bubeezi mulungi gy'ali. Era mmanyi ojja kusobola."

Ne ŋŋamba nti, "Weebale, Charlie. Ddala ekyo nja kukikola."

139 Kati ye yali addako okugamba Maama we. Ssimanyi bwe yabikwasaganya, naye twamala ne tufumbiriganwa.

140 Kati, bwe twafumbiriganwa, tetwalina kantu, nga tetulina na bintu bya mu nju. Ndowooza twalinawo ddoola bbiri oba ssatu. Kale twapangisa ennyumba, yatumalako ddoola nnya omwezi. Kaali kayumba akakadde, ka bisenge bibiri. Ne wabaawo n'eyatuwa akatanda akakadde akafunyibwa. Ssimanyi oba waliwo eyali alabye ku katanda akafunyibwa?

Bwe katyo ke baatuwa. Ne nserengeta ku dduuka lya Sears and Roebucks ne nfunayo akameeza n'entebe nnya, byali—byali tebisiigiddwa na langi, omanyi, naye waakiri ebyo twabifuna mu budde. Kale oluvannyuma ne ŋŋenda eri Mw. Weber, atunda ebikadde, ne ngulayo sitoovu ey'okufumbirako. Nnagisasulira ssente nsanvu mu ttaano, n'ebitambuza entambi eby'okuteekamu byonna ne bimalawo ddoola emu. Ne tutandika amaka. Nzijukira nga nsiiga akabonero k'obukoola bwa kanyeebwa ku ntebe ezo, bwe nnali nzisiiga. Era, ha, mazima, twali mu ssanyu. Buli omu yaliwo ku lwa munne, kale ekyo kye kyali ekikulu. Era Katonda, olw'ekisa Kye n'obulungi Bwe, twali bafumbo abasingayo essanyu ku nsi.

141 Kino kye nnazuula nti, essanyu teriri mu bungi bwa bintu bya nsi by'oyinza kuba nabyo, wabula liri mu kumatizibwa kwenkana wa kw'olina mu ebyo ebyakugerekerwa okuba nabyo.

142 Era, oluvannyuma lw'akaseera, Katonda yakka wansi n'awa amaka gaffe omukisa, ne tuzaalayo omwana ow'obulenzi. Erinnya lye ye Billy Paul, era waali mu lukuŋŋaana wano kati. Ate oluvannyumako, nga wayiseewo emyezi emirala nga kkumi na gumu, n'Addamu okutuwa omukisa n'omwana omuwala ayitibwa Sharon Rose, nga lyaggyibwa mu kigambo "Ekimuli kya Roza ekya Saloni."

143 Era nzijukira lumu nnali ntereseeyo ku nsimbi zange nga ŋŋendako mu luwummula, eyo mu kifo ekimu, ku Nnyanja Paw Paw, okuloba eby'ennyanja. Kati mba nkomawo . . .

144 Kati mu kiseera kino wonna . . . Mbadde ndeseeyo ekitundu ekikwata ku kulokoka kwange. Nnali nnalokoka. Era nga nnayawulibwa Dokita Roy Davis mu buweereza, mu kkanisa ya Missionary Baptist, nga ndi muweereza nga nnina n'ekkuŋŋaaniro kati lye mpeerezaamu mu Jeffersonville. Era nnali nsumba ekkanisa eyo entono. Era nna . . .

145 Awatali ssente, nnasumba ekkanisa eyo okumala emyaka kkumi na musanvu awatali kufuna yadde ennusu. Nnali ssikiririza mu kutwa- . . . Teryalimu yadde akabbo k'ebiweebwayo. Era ekimu eky'ekkumi kye nnafunanga ku mulimu, n'ebirala, waaliwo akabookisi emabega mu kizimbe, nga kuwandiikiddwaako, obugambo obutono nti, "Byonna bye mwakolera omu ku abo baganda Bange asinga obuto, mwabikolera Nze." Era okuyita mu ekyo ettaka ly'ekkanisa bwe lityo bwe lyagulibwa. Twewola ne tuweebwa emyaka kkumi okulisasulira, kyokka lyasasulirwa mu bbanga eritasussa myaka ebiri. Ate nga ssaatwala kiweebwayo kya ngeri yonna.

146 Kale kati nnalinawo, ha, bu ddoola obutonotono bwe nnali ntereseewo obw'okweyambisa mu luwummula lwange. N'omukyala naye yali akola, bambi, mu Kkolero ly'Amasaati erya Fine. Omuwala omulungi ddala. Bambi amalaalo ge

galabika kati galiko omuzira, naye akyali mu mutima gwange. Era nzijukira bwe yakola ennyo okunnyamba okufuna ensimbi ezimala okusobola okugenda ku nnyanja eno okuloba ebyennyanja.

147 Kati bwe nnali nkomawo okuva ku nnyanja, nnatandika okulaba, nga ntuuse mu nkingizzi za Mishawaka ne South Bend, Indiana, nnatandika okulaba emmotoka eziriko ebiwandiiko emabega, ebigamba nti, "Yesu Yekka." Muli ne ndowooza nti, "Ekyo si kya bulijjo, 'Yesu Yekka.'" Ne ntandika okulaba ebipande ebyo. Era baali babitadde ku buli kimu ku bugaali, zi Ford, zi Cadillac, na buli kimu, "Yesu Yekka." Bwentyo ne mbaako be nnagoberera, ne batuuka awaali ekizimbe ky'ekkanisa ekinene. Ŋŋenda okukizuula nga baali Bapentekoote.

148 Nnali mpuliddeko ku Bapentekoote, naye baali baapaatikibwako erinnya nti "batukuvu abeevulunga abaagwanga ku ttaka ne bavaamu n'ejjovu mu kamwa," n'ebirala bingi bye baabambuulirako. Kale nnali ssaagala kubaako kakwate nabo.

149 Kale nnabawulira munda eyo nga bawoggana, muli ne ndowooza nti, "Ndowooza nnaamala gayingira munda." Bwentyo ne nsimba Ford yange enkadde ne nnyingira, nga okuyimba kwonna kwe wali owulidde mu bulamu bwo kuli munda muli! Ŋŋenda okukizuula nga zaali kkanisa bbiri ennene, emu nga eyitibwa P.A. eya J.C., ne P.A. eya W., bangi ku mmwe musobola okujjukira ebibii-. . . Ndowooza kati byegatta, nga leero biyitibwa, era biyitibwa ekkanisa ya United Pentecostal. Bwentyo, ne mpuliriza abamu ku bayigiriza baabwe. Bajjanga awo, ha, ne bayigiriza ku Yesu ne bw'Ali omukulu, na buli kimu bwe kyali ekikulu, ne ku "kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu." Ne ndowooza muli nti, "Kiki kye boogerako?"

150 Kati, nga wayise akaseera, omuntu omu n'asituka n'atandika okwogera mu nnimi. Olwo nno, nnali ssiwulirangako kintu nga ekyo mu bulamu bwange. Ne wafubutukayo omukazi n'ajja nga adduka nga bw'asobola. Awo bonna ne basituka ne batandika okudduka. Muli ne ndowooza nti, "Bannange, sseruganda, bano ddala tebalina mpisa za kwefuga mu kkanisa!" Nga bwe bawoggana bwe baleekaana bwe batyo, ne ndowooza muli nti, "Bano nga baakula bulala!" Naye, omanyi, eky'enjawulo ekyabaliko, gye nnakoma okusigala nga ntudde awo, gye nnakoma okukyagala. Waaliwo ekintu ekyali kirabika nga kirungi ddala. Ne ntandika okubeekaliriza. Ne bigenda mu maaso bwe bityo. Ne ndowooza muli nti, "Leka nkigumiikirize okumala akaseera, kubanga nja. . . Kasita ndi kumpi n'oluggi. Ssinga wabaawo ekibalukawo, nja kudduka buddusi nfulume. Emmotoka yange mmanyi w'esimbye, wali mu kkoona."

151 Ne ntandika okuwulira abamu ku babuulizi, abaasoma eby'eddiini n'abakyabiyiga. Muli, ne ndowooza nti, "Tekirina kabi."

Kati ekiseera ky'ekyeggulo ne kituuka, ne bagamba nti, "Buli omu jangu ofune eky'eggulo."

152 Naye ne ndowoozaamu nti, "Lindako katono. Nninamu ddoola emu ne ssente nsanvu mu ttaano ez'okunzizaayo eka, ate. . . " Ezo zokka ze nnalina nga ssente za kugulamu mafuta. Nga zimmala bumazi kuntuusa ka. Olwo nga nnina Ford yange enkadde, yali Ford nkadde naye nga nnamu bulungi. Teyali nsensebufu, yali nga eno eri wabweru wano, wabula nga ekuliriddemukko. Era ya. . . Ddala nzikiriza nti Ford eyo yali esobola okutambula mmayiro asatu buli ssaawa, weewaawo nga ze kkumi na ttaano *okujja* ne kkumi na ttaano *okuddayo*. Olaba, bw'ozigatta awamu, oweza asatu. Kale ya. . . Muli ne ndowooza nti, "Oba oli awo, ekiro nja kufuluma nga tumaze oku. . . " Nnasigalawo ne mbeera mu lukuŋŋaana lw'ekiro.

153 Olwonno, ha, ne wabaawo agamba nti, "Ababuulizi bonna, awatali kusosola mu kibiina kya ddiini, baanirizibwa bajje ku kituuti." Katinno, twaaliwo ababuulizi nga ebikumi bibiri waggulu wali, nange nnagenda mu maaso. N'agamba nti, "Kaakati, tetulina biseera bibamala mwenna okusobola okubuulira." N'agamba nti, "Jangu buzzi oyogere amannya go ne gy'obeera."

154 Kati, akaseera kange ne katuuka, ne ŋŋamba nti, "William Branham, Mubaputisiti. Jeffersonville, Indiana." Ne mpitawo.

155 Nga mpulira bonna abasigadde beeyita, "Mupentekoote, Mupentekoote, Mupentekoote, P.A. eya W., P.A.J.C., P.A.W., P. . . "

156 Ne mpitawo. Ne ndowooza muli nti, "Nnandiba nga nze nzekka atabafaanana." Bwentyo ne ntuula, ne nninda.

157 Kati, ku olwo, baalina ababuulizi abakyali abato abalungi ennyo, era nga baali babuulidde mu ngeri ey'amaanyi ddala. Kati ne bagamba nti, "Agenda okutuwa obubaka akawungeezi kano ye. . . " Nzikiriza baamuyita, "Omukadde." Kati abaweereza baabwe, mu kifo ky'okumuyita "Levulandi," nga bamuyita "Mukadde." Ne baleeta omusajja omukadde omuddugavu, nga ayambadde emu ku kkooti zino ez'edda ez'ababuulizi. Ssirowooza nga mwali mugirabyeko. Emabega nga mpanvu ate nga yeewumbako emabega, omanyi, nga eriko ekitogi kya veruveeti, nga alina omukugiro gw'envi okwetooloola omutwe gwe. Musajja wattu nnamukadde, n'ajja nga akootakoota *bw'ati,* omanyi. N'ayimirira awo n'akyuka. Kati ababuulizi abalala gye baabulirira ku Yesu n'ebikulu. . . nga bwe yali Omukulu, n'ebirala, nnamukadde oli ye ekitundu kye yakisoma kuva mu Yobu. "Wali ludda wa bwe nnali nteekawo emisingi gy'ensi,

oba emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu n'abaana ba Katonda ne baleekaana n'essanyu?"

158 Musajja wattu nnamukadde, muli ne nneebuuza nti, "Lwaki tebaataddeyo omu ku b'emyaka egikyali emito n'abuulira?" Kikulu. . . ekifo kyali kikubyeko nga kijjudde. Ne nneebuuza nti, "Lwaki ekyo si kye bakoze?"

159 Kale kati nnamukadde ono, mu kifo ky'okubuulira ku byali bigenda mu maaso wano ku nsi, yatandika kubuulira ku byali bigenda mu maaso mu Ggulu ekiseera kyonna. Yasooka, n'Amuggya eri ku lubereberye—ku lubereberye lw'ebiseera, n'Amukomyawo eno ku Kujja Okw'okubiri nga akkira ku musoke eyeekiise. Ddala, nnali ssiwulirangako kubulira nga kuli mu bulamu bwange! Mu kaseera ako Omwoyo n'amukkako, n'abuuka waggulu kyenkana okutuuka *awo* n'akoonaganya ebisinziiro bye, n'azza ebibegabega bye emabega n'aba nga agenda okwesolossa agwe okuva ku kituuti ekyo, n'agamba nti, "Wano temulinaawo kifo kigazi kimala we nsobola kubuulirira." Ate nga ekituuti kwe yali kyali kigazi okusinga wano wendi.

160 Ne ndowooza nti, "Ekyo bwe kiba kisobola okuleetera omusajja omukadde okweyisa bw'atyo, kiyinza kukola ki bwe kituuka ku nze?" Ne—ne ndowooza nti, "Oba oli awo Ekyo nange nkyetaaga." Kubanga, bwe yavaayo okujja, nnawulira nga mmusaasidde musajja wattu nnamukadde. Naye, we yaviira ku kituuti, nneesanga nga ate nze nneesaasira. Ne mmutunuulira nga ava ku kituuti wali.

161 Bwe nnafuluma ekiro ekyo, ne ndowooza muli nti, "Kati, bwe bunaakya ssijja kukkiriza muntu yenna kumanya wa wendi, na kuntegeera nze ani." Bwentyo ne ŋŋenda, era ekiro ekyo empale yange ne ngigolola. Ne ntwala e. . . ne ŋŋenda mu musiri gwa kasooli okwebaka, ne nsooka ŋŋenda ne ngulayo ku bugaati obwali buyiseeko ennaku. Ggwe. . . Nnagula bungiko ku nnusu emu. Waaliwo omudumu gw'amazzi emmanga awo, ne nfunayo ku mazzi. Kale ne mmanya nti ebyo bijja kuntwalirizaako akaseera akawera, kale ne nneefunirayo ku mazzi ne nganywa, ne ŋŋenda ne ndya obugaati bwange. Ne nkomawo ne nneeyongera ku mazzi. Ne ŋŋenda mu musiri gwa kasooli, ne ntegula emitto gyombi ne ngalamizaako empale yange eya ppamba omuluke, ne nginyigiriza ku mutto.

162 Era, ekiro ekyo, nnasaba kumpi okuyita mu kiro kyonna. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, kiki kino kye nnyingiddemu? Ssirabangako bantu balina ddiini nga bano mu bulamu bwange." Ne ŋŋamba nti, "Nnyamba ntegeere kino kye kitegeeza."

163 Enkeera ne nzirayo era. Ne batuyita tufune eky'enkya. Mu buli ngeri, nnali ssisobola kulya wamu nabo, kubanga nnali ssirina kiweebwayo kya kuwaayo. Kale nnaddayo buzzi. Kati enkeera bwe nnayingira, weewaawo (nnalya obumu ku bugaati

bwange buli), ne ntuula wansi. Kati baalina n'akazindaalo. Nze nnali ssirabanga ku kazindaalo, nga era nkatya. Kale ne ba . . . Era ku kko kwaliko akaguwa akalengejja okuva waggulu, nga akazindaalo kalengejjera wansi. Nga bw'olaba, obuzindaalo buno obuba bulengejja. Ne wabaawo agamba nti, "Eggulo, wano ku kituuti, waabaddewo omubuulizi omuto, Omubaputisiti."

Ne ndowooza nti, "Uh-oh, kaakati nno mpedde."

164 N'agamba nti, "Ye mubuulizi eyabadde asingayo obuto ku kituuti. Erinnya lye yabadde Branham. Waliwo amanyi w'ali? Mumugambe ajje wano, twagala y'aba abuulira obubaka obw'enkya ya leero."

165 Ha, bannange! Nnali nnyambadde akajoozi, n'empale ya ppamba, omanyi. Ate nga ffe Ababaputisiti tukkiriza nti oteekwa kwambala ssuuti, nga tonnagenda ku kituuti, omanyi. Kale . . . Ne—ne ntuula nga sseenyeenya. Ate mu kiseera ekyo . . . Olukuŋŋaana baali balutadde mu Bukiikakkono mu kiseera ekyo kubanga (olukuŋŋaana lwabwe ttabamiruka) abaddugavu baali tebasobola kulubeeramu ssinga lwali mu Bukiikaddyo. Baalinamu abaddugavu, ate nze nnali nva mu Bukiikaddyo, nga nkyalinamu kali ak'obukolokosi, omanyi, nga ndowooza ndi wa njawulo ku balala. Ate nneesanga nga ku makya g'olunaku olwo, n'eyali antudde okumpi yali—yali musajja muddugavu. Kale nnatuula ne mmutunuulira bwenti. Ne ndowooza muli nti, "Owaaye, waaluganda."

166 Eyali ku kazindaalo n'agamba nti, "Waliwo amanyi William Branham w'ali?" Ne nneeyongera okweekukuma mu ntebe *bwenti*. Kale n'agamba, n'addamu n'akirangirira ogw'okubiri, n'agamba nti, "Waliwo omuntu yenna wabweru" (n'asika akazindaalo kano n'akasembeza) "amanyi wa William Branham w'ali? Mugambe nti tumwagala ku kituuti atuwe obubaka bw'amakya ga leero. Mubuulizi Mubaputisiti ava mu maserengeta ga Indiana."

167 Ne nneeyongera okweekukuma mu ntebe wansi, omanyi. Ndaba, tewali yali ammanyi. Omusajja oli omuddugavu n'antunuulira, n'agamba nti, "Omanyi w'ali?"

168 Ne ndowooza. Nga—nga nnina kulimba oba mbeeko kye nkola. Kwe kumugamba nti, "Kutamako wano."

N'agamba nti, "Wangi, ssebo?"

Ne ŋŋamba nti, "Waliwo kye njagala okukugamba." Ne ŋŋamba nti, "Ye—ye nze."

N'agamba nti, "Kati nno, genda mu maaso."

169 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssisobola. Laba," ne ŋŋamba nti, "laba empale eno enkadde gye nnyambadde n'omujoozi guno." Ne ŋŋamba nti, "Ssisobola kugenda mu maaso."

170 N'agamba nti, "Bano abantu tebafaayo oba oyambadde otya. Genda bugenzi mu maaso."

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, nedda." Ne ŋŋamba nti, "Sirika, tobaako ky'oyogera kati."

171 Ne bakomawo ku kazindaalo mu ddakiika nga emu, ne bagamba nti, "Waliwo amanyi William Branham w'ali?"

172 N'agamba nti, "Wuuno wano! Wuuno wano! Wuuno wano!" Ha, bannange! Ne nsitukayo n'omujoozi gwange, omanyi. Ne nzija . . .

173 N'agamba nti, "Jangu eno, Mw. Branham, twagala ggwe oba otuwa obubaka." Ha, bannange, mu maaso g'ababuulizi abo bonna, uhm, n'abantu abo bonna! Ne ŋŋenda nga mpagaanyawagaanya, omanyi. Nga nzenna mmyuukiridde mu maaso, nga n'amatu gambabuukirira. Ne mpagaanyawagaanya, omubuulizi, ayambadde empale eya ppamba n'omujoozi, omubuulizi Omubaputisiti nga ayolekera awali akazindaalo, ke ssirabangako, olaba.

174 Ne nnyimirira awo, ne ŋŋamba nti, "Bannange, ki—ki—kino ssikimanyi." Nga nzenna mbuguutana, ntidde ekitenkanika, omanyi. Ne—ne mbikkula wano mu Lukka 16, ne ndowooza nti, "Kale, kaakati . . . " Ne—ne ntuukira ku ky'okuyigiriza ekigamba nti, "Awo n'ayimusa amaaso ge mu ggeyeena, n'akaaba." Ne ngira . . . Kati awo ne—ne ntandika okubuulira, omanyi, ne nnyingira mu kubuulira ne ntandika okuwulira obulungiko. Ne ŋŋamba nti, "Omusajja omugagga yali mu ggeyeena, n'akaaba." Obugambo obwo obusatu, nga bwe nkozesezza mu bubaka obungi bwe butyo nga, "Ggwe Okikkiriza Ekyo," ne "Yogera Eri Olwazi," mumpulira bulijjo nga mbubuulira. Kati ne nkozesa, "Awo n'akaaba." Ne ŋŋamba nti, "Tewaaliyo baana bato, ddala tebaliiyo mu ggeyeena. N'akaaba." Ne ŋŋamba nti, "Nga teriiyo bimuli. N'akaaba. Nga teriiyo Katonda. N'akaaba. Nga teriiyo Kristo. N'akaaba." Ne nneesanga nga nange nkaabye. Waliwo ekyankwatako. Ha! Ha, bannange! Oluvannyuma, ssimanyi kiki ekyabaawo. Nnagenda okutegeera, nneesanga nnyimiridde wabweru. Abantu bali baatandika okuwoggana n'okuleekaana n'okukaaba, nange bwentyo, twafuna akaseera akanyuvu ddala.

175 Bwe nnafuluma ebweru waliwo omusajja eyajja gyendi nga ayambadde enkoofiira ennene ey'ekika kya Texas, n'engatto za bbuutu ennene, najja we nnali, n'agamba nti, "Nze Mukadde *Gundi*." Mubuulizi, naye nga ayambadde ngatto za kikaawobooyi, n'engoye za kikaawobooyi.

Ne ndowooza muli nti, "Kitegeeza, n'empale yange eya ppamba si mbi nnyo okutwaliza awamu."

176 N'agamba nti, "Njagala ojje mu Texas onkolere enkuŋŋaana z'okudda obuggya."

177 "Uh-huh, ssebo, leka ekyo nkiwandiike." Ne nkiwandiika.

178 Ne wajja omulala nga ayambadde eno empale efaanana nga ey'abazannyi ba ggoofu, ze baayambalanga nga bakuba ggoofu,

omanyi, nga ayambadde akapale bwekatyo. N'agamba nti, "Nze Mukadde *Gundi* era nviira Miami. Njagala o . . . "

179 "Bannange, kirabika ennyambala si kye kikulu wano." Ne nkitunuulira, muli ne ndowooza nti, "Kale."

180 Bwentyo ne nkwata ebintu bino, ne njolekera eka. Mukyala wange n'annyaniriza, n'agamba nti, "Nga oli musanyufu bulala, Billy?"

181 Ne ŋŋamba nti, "Ha, nnasisinkanye ekintu ekisingayo obulungi. Bannange, kye kisingayo mu bye wali olabye. Abantu bali tebakwatirwa nzikiriza yaabwe nsonyi." Era, ha, byonna ne mbimunyumiza. Ne ŋŋamba nti, "Ate labayo eno, mukwano, olukalala lw'okuyitibwa okubuulira. Abantu bali!"

N'agamba nti, "Ka nsuubire nti si be batukuvu abeevulunga, be bo?"

182 Ne ŋŋamba nti, "Ssimanyi kika ki eky'abeevulunga kye bali, wabula waliwo ekintu kye balina kye mbadde nneetaaga." Olaba? Ne ŋŋamba nti, "Ekyo—ekyo kyo nkikakasa." Ne ŋŋamba nti, "Nnalabye omusajja omukadde, ow'emyaka kyenda, nga adda buto nate." Ne ŋŋamba nti, "Ssiwulirangako kubuulira nga kuli mu bulamu bwange. Era, ssirabangako Mubaputisiti yenna abuulira nga bali." Ne ŋŋamba nti, "Babuulira okutuusa lwe babeera nga omukka babaka mubake, ne beeweta amaviivi ppaka kutuuka ku ttaka, ne badda, ne babaka buto omukka. Osobola n'okubawulira nga babuulira, nga okyali walako nga kitundu kya kkirommita." Ne ŋŋamba nti, "Si—ssibawulirangako mu bulamu bwange." Ne ŋŋamba nti, "Boogera mu lulimi olutamanyiddwa, ate oli omulala n'ayogera amakulu g'ebyo bye boogera. Ekyo ssikiwulirangako mu bulamu bwange!" Ne ŋŋamba nti, "Onaagenda nange?"

183 N'agamba nti, "Mukwano, bwe nnakufumbirwa, nja kukunyweererako okutuusa okufa lwe kulitwawukanya." N'agamba nti, "Nja kugenda." N'agamba nti, "Kaakati, tujja kutegeeza ab'eŋŋanda."

184 Ne ŋŋamba nti, "Kale, ojja kutegeeza maama wo nange ntegeeze maama wange." Kati ne tu . . . Ne ŋŋenda ne mbuulira Maama.

185 Maama n'agamba nti, "Ddala, ddala, Billy. Kyonna Mukama ky'akuyitira okukola, genda okikole."

186 Awo Muky. Brumbach n'ampita ŋŋendeyo. Ne ŋŋendayo. N'agamba nti, "Biki bino by'oyogerako?"

187 Ne ŋŋamba nti, "Ha, Muky. Brumbach," ne ŋŋamba, "tolabanga bantu nga bali."

N'agamba nti, "Bunira! Bunira!"

Ne ŋŋamba nti, "Yee, maama." Ne ŋŋamba nti, "Nsonyiwa."

N'agamba nti, "Okimanyi nti ekyo kibinja ky'abatukuvu abeevulunga?"

188 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, maama, ekyo mbadde ssikimanyi." Ne ŋŋamba nti, "Ba—bantu balungi nnyo."

189 N'agamba nti, "Ssaagala na kukirowoozaako! Olowooza ojja kuwalaawala muwala wange omutwale mu bintu ebifaanana bwe bityo!" N'agamba nti, "Temuli temuli! Abantu abo si kirala wabula bisasiro byereere amakanisa amalala bye gakasuse ebweru." N'agamba nti, "Ky'ekyo ddala! Tojja kutwala muwala wange eyo bw'otyo."

190 Ne ŋŋamba nti, "Naye omanyi, Muky. Brumbach, ku ntobo y'omutima gwange mpulira nga Mukama ayagala ŋŋende mbeere kitundu ku bantu abo."

191 N'agamba nti, "Ddayo mu kkanisa yo okutuusa w'erisobolera okukuzimbira amaka g'obusumba, ate weeyise nga omusajja alimu ku magezi." N'agamba nti, "Eyo tojja kutwalayo muwala wange."

Ne ŋŋamba nti, "Yee, nnyabo." Ne nkyuka ne nfuluma.

192 Awo Hope n'atandika okukaaba. N'afuluma, n'agamba nti, "Billy, ssifaayo kiki Maama ky'agamba, nze nja kukunyweererako." Mukazi wattu bambi!

Ne ŋŋamba nti, "O, ssi nsonga, mukwano."

193 Ne nkivaako buvi. Yali tayagala muwala we kwegatta na bantu nga abo mbu kubanga "Baali bisasiro byereere." Ne mmala gakyesonyiwa bwentyo. Ye nsobi yange ekyasinze okuba embi gye nnali nkoze mu bulamu bwange, emu ku zaakasinze obubi.

194 Nga wayise akaseera, nga wayise emyaka mitono, nga tuzadde abaana. Lumu twali tu. . . Wajja amataba, mu 1937. Wajja amataba. Era ebyaffe. . . Nnali mu kulawuna mu kiseera ekyo nga ngezaako nga bwe nsobola okutaasa abantu nga mbajja mu mataba, amayumba nga gaabulukuka bwe gagwa. Ne mukyala wange n'alwala, n'alwalira ddala ddala, lubyamira ow'amaanyi. Ne bamutwala mu. . . Eddwaliro ery'obwannanyini lyali lijjudde nga tetusobola kumutwalayo, kale ne tumutwala mu—mu lya gavumenti gye baalina akasenge. Kati ne baddamu ne bampita nkomewo. Bulijjo nnabeeranga kumpi n'omugga, era nnali mmanyi okuvuga obwato, kale nnali ngezaako okuggyayo abantu, mbataase baleme kufiira mu mataba. Kati nnali nnaaka. . . omu. . .

195 Bampita, ne baŋŋamba nti, "Waliwo enju eri ku Luguudo Chestnut, enaatera kugwamu. Erimu maama n'abaana nga baabo," ne bagamba nti, "bw'oba olowooza nti eryato lyo, eryato lyo erya yingini lisobola okubakutuusaako."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, nja kukola kyonna kye nsobola."

196 Bwentyo, ne nnyingirira amayengo ago. Ekisenge ekyazimbibwa okuziyiza amataba okwanjaala kyali kyamenyese engulu eri, era, ha, bannange, e . . . nga amataba gasaanyaawo ekibuga. Yingini y'eryato ne ngivuga ku misinde miyitirivu nga bwe nsobola, ne nkomekkereza nga mpise mu nkuubo n'ebitundu eby'enjawulo. Ne ntuuka awo kumpi n'ekisenge ekikadde ekyazimbibwa okuziyiza omugga okwanjaala, nga amazzi gayiika. Ne mpulira omuntu aleekaana, kwe kulengera maama omu nga ayimiridde mu kisasi ky'ennyumba. Kyokka nga amayengo amanene gagenda geefukuta bwe gatyo. Kale, ne nneekooloobya bwenti eky'engulu *eno* nga bwe nsobola, ne ntuuka we gayiika mu bungi ate ne nkomawo ne nsigala ku ludda olwo. Akaato kange nnali nkazikizza okusobola okukasibira ku mpagi, ku muti, ogw'empagi y'omulyango manya empagi y'ekisasi. Ne nnyingira ne nkwata maama ku mukono ne mmuteeka mu kaato, n'abaana babiri oba basatu. Ne nsumulula omuguwa ogwali gusibye akaato kange ne mmuteekamu . . . okuddayo. Ne nvuga ne ntuuka wansi eyo, ne mmutuusa ku lukalu, nga mmayiro emu n'ekitundu nga osaze ekibuga, okutuusa lwe nnamutuusa ku lukalu. Naye ate we nnamutuusizaawo, yali azirise. N'atandika oku . . . nga alaajana nti, "Omwana wange! Omwana wange!"

197 Kati, ne ndowooza nti yali ategeeza nti waliwo omwana omuwere gwe yali alese mu nnyumba. Ha, bannange! Ne nzirayo ate nga bwe bagezaako okumukkakkanya. Kyokka, ŋŋenda okukitegeera, nga yali . . . manya yali agezaako okumanya oba omwana we yali awo. Waaliwo omwana wa myaka nga esatu, nze nnalowooza nti yali ategeeza mwana muwere oba oli awo eyali ayonka bw'atyo.

198 Kati ne nzirayo ne ntuukayo. Bwe nnaddira eryato eryo ne nnyingira mu nnyumba nga ssiraba mwana yenna, ekisasi ky'ennyumba ne kiyiika ennyumba n'egwamu. Ne nziruka mangu ne mbaka eki—ekitundu ekyali kiseeyeesa eryato lyange, ne nzira mu lyato, ne nkisika ne ndisumulula.

199 Ne linserengesa okutuuka mu mazzi g'omugga amangi we gaali gasinga okukulukutira ku misinde emiyitirivu. Olwo ziri mu ssaawa ttaano n'ekitundu ez'ekiro, nga eno omuzira bwe gugenda gutonnyerera. Ne nkwata akaguwa akasikibwa okukoleeza yingini y'eryato ne ngezaako okusika eryato lisimbule, naye n'egaana okwaka, ne ngezaako era naye ne ligaana okwaka, ne nziramu era. Nga eno amazzi g'omugga bwe geeyongera okuntwala ebuziba, nga ebiyiriro mbirengera wansi wange. Nga ngezaako nnyo nga bwe nsobola, muli ne ndowooza nti, "Ha, bannange, ntuuse—ntuuse ku nkomerero yange! Mpedde!" Era ne ngezaako nnyo. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, nkwegayiridde tondeka kufa mu nfa bw'eti," ne nsika ne nsika.

200 Ne kinkomerawo nti, "Ate ebisasiro biri bye wagaana okugenda nabyo?" Olaba? Uh-huh.

201 Ne nziza omukono gwange ku kaato, ne ŋŋamba nti, "Ai Katonda, nsaasira. Leka nneme kufa bwenti kulekawo mukyala wange n'omwana omuwere, ate nga bali eyo n'okuba balwadde! Nkwegayiridde!" Ne nsigala nga bwe nsika bwentyo, naye ne ligaana okutokota. Nga eno bwe mpulira okuwuluguma emmanga eri, kubanga nna . . . Mu ddakiika ntono, nga, ha, bannange, nja kuba nfudde. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, bw'Onsonyiwa, nkusuubiza nja kukola kyonna ky'oyagala." Ne nfukamira mu lyato awo, nga omuzira bwe guntomera mu maaso. Ne ŋŋamba nti, "Nja kukola buli kimu ky'Oyagala nkole." Ne nziramu ne nsika, yingini n'eyaka. Ne ngivuga ku misinde gyonna gye nnali nsobola, era ku nkomerero ne ntuuka ku lukalu.

202 Kwe kuddayo nnone emmotoka, emmotoka ennawunyi. Ne ndowooza ku . . . Waliwo abamu abaali bagamba mbu, "Omanyi, eddwaliro lya gavumenti amataba galitutte." Mukyala wange n'omwana nga bombi mwe bali, abaana bombi.

203 Ate awo ne njolekera eddwaliro lya gavumenti amangu ddala nga bwe nsobola, amazzi nga gatumbidde ffuuti nga kkumi na ttaano wonna okuva ku ttaka. Waaliwo awo omujaasi omu ali ku ddaala lya mmeeja, ne mmubuuza nti, "Meeja, kiki ekyatuuse ku ddwaliro?"

N'agamba nti, "Kaakati, teweeraliikirira. Olinamu omulwadde?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee, o—omukyala omulwadde n'abaana abato babiri."

204 N'agamba nti, "Bonna baasimattuse." N'agamba nti, "Baabatadde mu kiyumba ky'eggaali y'omukka ekitikkibwamu emigugu era eyolekedde Charlestown."

205 Ne nziruka, ne nzira mu lyato lyange ne . . . manya ne nzira mu mmotoka yange, ne ntikkako eryato lyange emabega ku yo, ne nziruka okwolekera . . . Kati okwanjaala kw'amazzi kwali kufunzeemukko nga kuli mu mmayiro nga bbiri n'ekitundu oba ssatu obugazi. Era ekiro kyonna nnakimala ngezaako oku . . . Abamu ku bantu nga bagamba nti, "Ekiyumba ky'eggaali y'omukka, ekiyumba ekitikka emigugu, amataba gaakiwaludde ne kiva ku mitambo gya leerwe ne kigwa ebbali ku bikondo."

206 Oluvannyuma, ne nneesanga nga waliwo akazinga amataba kwe gannemesezza okuva, kwe nnamala ennaku ssatu. Ne nfuna obudde obumala okufumiitiriza oba ddala Abantu bali baali bisasiro oba nedda. Nga omutima bwe gunkuba nneebuuza nti, "Mukyala wange ali ludda wa?"

207 Oluvannyuma bwe nnamuzuula, nga wayise ennaku ntono nga nvudde ku kazinga nsomose, yali ngulu eri mu Columbus,

Indiana, mu kizimbe ky'Ababaputisiti Ekikuŋŋaanirwamu mwe baali bakoze e—engeri y'eddwaliro, obusenge bw'abalwadde nga bali ku butanda bw'eddwaliro lya gavumenti. Ne nziruka mangu nnyo nga bwe nsobola okugenda gy'ali, nga bwe ngezaako okunoonya w'ali, nga bwe mpoggana nti, "Hope! Hope! Hope!" Okutunula nti, ne mmulaba nga agalamidde awo ku katanda, nga yakwatiddwa akafuba.

N'ayimusa akakono ke akaali kasigadde akagumba akeerere, n'agamba nti, "Billy."

Ne nziruka okugenda we yali, ne ŋŋamba nti, "Hope, mukwano."

N'agamba nti, "Ndabika bubi nnyo, ssi bwe kiri?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, mukwano, tolabika bubi."

208 Twamala emyezi nga mukaaga nga tukola n'amaanyi gonna nga bwe tusobola, okugezaako okutaasa obulamu bwe, naye yeeyongera kuba bubi bulijjo.

209 Lumu mba ndi mu kulawuna ntaddeko leediyo yange, ne ndowooza muli nti nninga awulidde nga bagamba, nga bayisa ekirango ku leediyo, nga kigamba nti, "Kino ekirango kigenda eri William Branham, weetaagibwa bukubirire mu ddwaliro, mukyala wo afa." Ne nziruka bukubirire okuddayo mu ddwaliro nga bwe nsobola, ne nteekako ekitaala ekimyufu n'akagombe, ne nvuga misinde. Ne—ne ntuuka ku ddwaliro ne nsimba emmotoka, ne nziruka okuyingira munda. Mba nnyingira munda mu—mu ddwaliro, ne ndaba mukwano gwange bwe twalobanga ebyennyanja, twazannyanga wamu nga tukyali balenzi bato, Sam Adair.

210 Dokita Sam Adair, y'oyo okwolesebwa gwe kwali kwogerako gye buvuddeko emabega nga kumugamba ku by'eddwaliro. N'agamba nti, bwe wabaawo abuusabuusa ku kwolesebwa okwo, amukubire nga ye y'anaasasulira essimu eyo, bw'oba oyagala okumanya oba kwali kutuufu oba nedda.

211 Kati yali afulumayo bw'ati nga ajja, akutte enkoofiira ye mu ngalo. N'antunuulira n'atandikirawo okukaaba. Ne nziruka okugenda gy'ali, ne mmuwambaatira. Naye n'ampambaatira, n'agamba nti, "Billy, agenda." N'agamba nti, "Nsonyiwa. Nkoze buli kye nsobola, ntaddeko abakugu na buli kimu."

Ne ŋŋamba nti, "Sam, mazima ddala tagenda kufa!"

N'agamba nti, "Weewaawo, agenda." N'agamba nti, "Toyingirayo, Bill."

Ne ŋŋamba nti, "Nteekwa okuyingirayo, Sam."

N'agamba nti, "Tokigeza. Tokikola, bambi tokikola."

Ne ŋŋamba nti, "Ka nnyingire."

N'agamba nti, "Ka ŋŋende naawe."

212 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, sigala wano. Njagala kubeerako naye mu ddakiika ze ezisembayo."

Ko ye nti, "Tamanyi biri ku nsi."

213 Ne nnyingira mu kasenge. Nnansi yali atudde awo, akaaba kubanga ye ne Hope baali baasomako wamu. Ne ntunula erudda, nnansi n'atandika okukaaba, n'awanika omukono gwe. N'atambula nga ajja gyendi.

214 Ne mmutunuulira, ne mmunyeenyanyeenya. Nga ali awo, yenna aweddewo okuva ku kilo ataano mu nnya, kumpi nga kati azitowa kilo abiri mu musanvu. Ne—ne mmunyeenyanyeenya. Kati ne bwe ndiwangaala ne mpeza emyaka kikumi, ssiryerabira kyabaawo. Yakyuka, n'antunuuliza amaaso ge ago amanene amalungi. N'amwenya. N'agamba nti, "Ompitidde ki okukomawo, Billy?"

Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, ekirango mbadde nnaakakifuna."

215 Nnali nnina okukolera ddala. Twali mu mabanja mangi ga ddoola bikumi na bikumi ez'ebisale by'obujjanjabi, kyokka nga tetulina nsimbi za kubisasuza. Kale nnali nnina okukolera ddala. Era nnamulabangako emirundi nga ebiri oba esatu buli lunaku, na buli kiro, mu kaseera we yabeerera mu mbeera eyo.

Ne ŋŋamba nti, "Kiki ky'otegeeza nti, 'Nkuyise' ne 'okukomawo'?"

216 N'agamba nti, "Bill, olibuuliddeko, olyogeddeko, naye kye Liri tokitegeerako yadde."

Ne mmugamba nti, "Kiki ky'oyogerako?"

217 N'agamba nti, "Eggulu." N'agamba nti, "Labayo," n'agamba, "waliwo abantu ababadde bamperekera okugenda Eka, oba basajja oba abakazi naye bwe batyo. Babadde bambadde byeru." Era n'agamba nti, "Mbadde mu mbeera nnungi ey'emirembe." N'agamba nti, "Ebinyonyi ebinene ebirungi bibadde bibuuka biva ku muti nga bidda ku mulala." N'agamba nti, "Tolowooza nti bye njogera ssibitegeera." N'agamba nti, "Billy, ŋŋenda kukubuulira ensobi yaffe gye twakola." N'agamba nti, "Tuula wansi." Ssaatuula; nnafukamira bufukamizi wansi, ne mmukwata omukono. N'agamba nti, "Ensobi yaffe gye twakola ogimanyi?"

Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, mukwano, ngimanyi."

218 N'agamba nti, "Maama tetwandimuwulirizza. Abantu bali be baali abatuufu."

Ne ŋŋamba nti, "Nkimanyi."

219 N'agamba nti, "Nsuubiza kino, nti ojja kugenda eri abantu abo," n'agamba, "kubanga be batuufu." Era n'agamba nti, "Bw'otyo n'abaana bange bw'oba obakuza." Era ne... N'agamba nti, "Waliwo kye njagala okukugamba." N'agamba

nti, "Nfa, naye" n'agamba, "ki . . . ssi—ssitidde kugenda." N'agamba nti, "Eri—eri walungi." N'agamba nti, "Kimu kyokka, nkyawa okukulekawo, Bill. Ate mmanyi nga olina abaana bano ababiri ab'okukuza." N'agamba nti, "Nsuubiza nti—nti tojja kusigala bw'omu kuleka baana bange kuva muno nga badda muli." Ekyo kyali kintu kya makulu nnyo okuva eri maama ow'emyaka abiri mu ogumu.

Ne ŋŋamba nti, "Ekyo ssisobola kukikusuubiza, Hope."

220 N'agamba, "Nkwegayiridde nsuubiza." N'agamba nti, "Waliwo kye njagala okukugamba." N'agamba nti, "Ojjukira emmundu eri?" Omanyi njagala emmundu okukamala. N'agamba nti, "Emmundu wayagala okugigula kyokka nga tolina ssente zimala kugisasula kugisibako."

Ne ŋŋamba nti, "Yee."

221 N'agamba nti, "Mbadde ntereka ssente zange, obusente bwange, nga ngezaako okulaba nti nsasula ku mmundu ku lulwo." N'agamba nti, "Kaakati, kino nga kiwedde bw'oddayo eka, kebera ku kitanda ekikola nga entebe . . . manya ku katanda akeeweta, munda w'akapapula akali kungulu, essente ojja kuzisanga omwo." N'agamba nti, "Nsuubiza nti ojja kugula emmundu eyo."

222 Temumanyi bwe nnawulira bwe nnalaba ddoola eyo ne ssente nsanvu mu ttaano (mu busimooni) nga ziri omwo. Emmundu nnagigula.

223 N'agamba nti, "Ojjukira ekiseera kiri bwe wali ogenda mu maduuka g'omukibuga okungulira omugogo gwa sitookingi, bwe twali tugenda e Fort Wayne?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee."

224 Nnali nkomyewo okuva okuloba ebyennyanja, n'agamba . . . Nga tulina okugenda e Fort Wayne, nga nnina okubuulira ekiro ekyo. N'agamba nti, "Omanyi, nnakugamba nti, 'Zaali za bika bibiri eby'enjawulo.'" Ekika ekimu nga kiyitibwa "sifoni." Ate ekirala nga kiyitibwa kitya mpozzi, layoni? Bwe kiri? Layoni ne sifoni. Kale, kyonna kye kiri, sifoni kye kika ekyali kisinga obulungi. Si bwe kiri? N'agamba nti, "Kaakati, ndeeteraayo sifoni, enzijuvu." Mumanyi akantu ako akaliko akantu akatono emabega wa sitookingi, waggulu? Ate nnali ssirina kye mmanyi ku by'okwambala by'abakyala, kale nna . . .

225 Bwe nnali ntambula mu kkubo nnagenda ŋŋamba, "Sifoni, sifoni, sifoni, sifoni," nga ngezaako okusigala nga ndowooza ku, "Sifoni, sifoni, sifoni."

Ne wabaawo ampita nti, "Ogamba ki, Billy!"

226 Ne ŋŋamba nti, "O, gyeemuli, gyeemuli." "Sifoni, sifoni, sifoni, sifoni, sifoni."

227 Ne ntuuka mu kkoona ne nsisinkana Mw. Spon. N'agamba nti, "Ogamba ki, Billy, okimanyi nti ebyennyanja kati bisinze kukuŋŋaanira ku ludda lw'omwalo ogusembayo?"

Ne ŋŋamba nti, "Ddala ddala, bwe kiri?"

"Weewaawo."

Bwe nnayawukana naye, ne ndowooza muli nti, "Mpozzi baziyita batya?" Nga nzerabidde.

228 Kati Thelma Ford, omuwala gwe nnali mmanyi, yali akola mu dduuka lya lejjalejja owa layisi. Era nga mmanyi nti baatundanga sitookingi z'abakyala eyo, kale ne ŋŋendayo. Ne mmubuuza nti, "Ogamba ki, Thelma."

N'addamu nti, "Ogamba ki, Billy. Oli otya? Hope ali atya?"

229 Ne ŋŋamba nti, "Bulungi." Ne ŋŋamba nti, "Thelma, njagalayo omugogo gwa sitookisi eza Hope."

N'agamba nti, "Hope tayambala sitookisi."

Ne ŋŋamba nti, "Yee, nnyabo, azambala."

N'agamba nti, "Otegeeza sitookingi."

230 "Ddala, ky'ekyo," ne ŋŋamba nti, "ky'ekyo kyennyini." Muli ne ndowooza nti, "Uh-oh, ndaze obutamanya bwange."

N'agamba nti, "Ayagala za kika ki?"

Ne ndowoozaamu nti, "Uh-oh!" Ne ŋŋamba nti, "Bika ki bye mulina?"

N'agamba nti, "Wano, tulinawo layoni."

231 Nze nga ssizaawula. Layoni, sifoni, nga byonna bimpulikikira kye kimu. Ne ŋŋamba nti, "Ezo ze njagala." N'agamba. . . Ne ŋŋamba nti, "Nfuniraayo omugogo gumu, omujjuvu." Awo na. . . Ekyo nkisobezza. Bakiyita batya? Fasoni enzijuvu. "Fasoni enzijuvu." Bwentyo ne ŋŋamba nti, "Nfuniraayo omugogo gumu."

232 Kati bwe yatuuka okuzinkwasa, nga zigula nga ssente asatu, ssente abiri oba ssente asatu, kumpi kimu kya kubiri ku bbeeyi gye nnali mmanyi. Kati, ne ŋŋamba nti, "Mpa emigogo ebiri." Olaba?

233 Ne nzirayo eka, ne ŋŋamba nti, "Omanyi, mukwano, mmwe abakazi mutambula ekibuga kyonna nga mulamuza." Mumanyi engeri gy'oyinza okwagala okwewaana. Ne ŋŋamba nti, "Kyokka wano, laba wano, nguze emigogo ebiri ku bbeeyi ggwe gye wandiguze omugogo gumu. Olaba?" Ne nŋŋamba nti, "Ha, obwo—obwo bwonna bukugu bwange obw'okulamuza." Olaba, ne ŋŋamba—ne ŋŋamba nti, "Omanyi, Thelma zino y'azinguzizza." Ne ŋŋamba nti, "Ayinza okuba nga ansaliddeko ne nzigula kimu kya kubiri ku bbeeyi yaazo entuufu."

N'agamba nti, "Oguze za sifoni?"

234 Ko nze nti, "Yee, nnyabo." Nze byonna nga bimpulikikira kye kimu, nga ssimanyi nti byawukana.

235 N'aŋŋamba, n'ayogera nti, "Billy." Nnawulira bubi bwe twatuuka e Fort Wayne, ate n'agula omugogo omulala ogwa sitookingi. N'agamba nti, "Nnaziwa maama wo," n'agamba, "za bakazi abakuliridde mu myaka." N'agamba nti, "Nsonyiwa olw'okukola ekyo."

Ne ŋŋamba nti, "O, ekyo tekirina mutawaana, mukwano."

236 N'agamba nti, "Kaakati, to—tobeera obw'omu." Era n'agamba . . . Yali tamanyi kiki ekyali kinaatera okuddako mu ssaawa ntono eziddirira. Bwentyo ne mpanirira emikono gye emirungi nga Bamalayika ba Katonda bwe bamutwala eka.

237 Naddayo eka. Nga ssimanyi kya kukola. Ne ngalamira wansi awo ekiro ekyo ŋŋenda okuwulira . . . Ndowooza kaali kamese, nga kali mu kibookisi mwe twaterekanga empapula. Oluggi ne nduggaza ekigere kyange, ne ndaba akagoye ke ka kimono emabega w'oluggi, (kyokka ye nga agalamidde eri mu ggwanika). Mukaseera katono ddala ne wabaawo eyampita, n'agamba nti, "Billy!" Yali Ow'oluganda Frank Broy. N'agamba nti, "Omwana wo omuwere afa."

Ne ŋŋamba nti, "Omwana wange omuwere?"

238 N'agamba nti, "Yee, Sharon Rose." N'agamba nti, "Dokita agenzeeyo, era agambye nti, 'Omwana yakwatiddwa omusujja gw'okubwongo oguleetebwa akafuba, nga yaguyonka kuva ku nnyina.'" N'agamba nti, "Afa."

239 Ne nnyingira emmotoka, ne nnyambukayo. Nnakasanga awo, kakazi kattu. Nga baakaddusizza bakatutte mu ddwaliro.

240 Ne ŋŋenda okumulaba. Sam n'ajja n'agamba nti, "Billy, toyingira mu kasenge ako, olina okulowooza ne ku Billy Paul." N'agamba nti, "Omuwala afa."

Ne ŋŋamba nti, "Dokita, nni—nnina okulaba omwana wange."

241 N'agamba nti, "Nedda, tosobola kuyingirayo." N'agamba nti, "Alina omusujja gw'okubwongo, Billy, ate nga oyinza okugusiiga Billy Paul."

242 Ne nninda okutuusa lwe yafuluma. Nga ssisobola kugumiikiriza kumulaba nga afa, ate nga ne nnyina akyali mu ggwanika. Mbabuulira, obulamu bw'omujeemu buba buzibu. Ne—ne ŋŋenda, ne nneesolossa ne nnyingira mu mulyango, kati Sam bwe yafuluma ne nnansi n'afuluma, ne nserengeta mu mwaliiro ogusembayo wansi ddala. Lyali ddwaliro ttono. Nga ali mu kifo ekyali kyesudde abalala, nga ensowera zimugwa ku maaso. Baalinawo ka . . . kye tuyita "akatimba akaziyiza ensiri," oba engeri y'akatimba okwetooloola ku maaso ge. Era yagiranga na . . . n'agugumuka, nga okugulu kwe kwenyeenya bwe kutyo, n'obukono bwe, buli lwe yagugumukanga. Ne mmutunuulira,

nga bambi abadde akuze nga atandise okulabika obulungi, nga wa myezi nga munaana.

243 Era nnyina yateranga okumutuuza wabweru nga amwambazza akakoofiira ke ak'ensonda-ssatu, omanyi, mu luggya, bwe nnakomangawo. Era nnakubanga eŋŋombe, awo n'agamba "guu-guu, guu-guu," nga agezaako okujja gyendi, omanyi.

244 Kyokka nga omwagalwa wange agalamidde awo, afa. Ne mmutunulako, ne ŋŋamba nti, "Sharry, Taata omutegedde? Otegedde Taata, Sharry?" Kati bwe yatunula . . . Yali mu bulumi bungi nnyo n'okutuusa nti erimu ku maaso ge aga bbululu lyali lifuuse lya ndali. Ekyo kaabula kata kinkuulemu omutima.

245 Ne nfukamira wansi, ne ŋŋamba nti, "Mukama, nkoze ki? Enjiri ssigibuulidde wonna mu masaŋŋanzira g'enguudo? Nkoze buli kintu kye mmanyi. Kiri tokivunaana nze. Abantu bali ssi nze eyabayita 'ebisasiro.' Nnazaala wange ye yabayita 'ebisasiro.'" Ne ŋŋamba nti, "Nsonyiwa olw'okuba byonna ebyo byaliwo. Nsonyiwa. To—totwala mwana wange." Mba nsaba, ne ndaba nga ekiddugavu . . . nga essuuka oba olugoye olukka. Ne mmanya nti Aŋŋaanye.

246 Kaakati, ako ke kaali akaseera akakyasinzeyo okuba akazibu era ak'akatyabaga mu bulamu bwange. Bwe nnasituka ne mmutunuulira, ne ndowooza muli nti . . . Ssetaani n'akiteeka mu birowoozo byange nti, "Ky'ogamba nti, ku kubuulira kwonna kw'okoledde mu bugubi, n'obulamu bw'otambuliddemu, kyokka olutuuse ku mwana owuwo, ate Ye n'akuvaamu?"

247 Ne ŋŋamba nti, "Bwekityo bwe kiri. Bw'Aba tasobola kuwonya mwana wange, awo nange ssisobola . . . " Ne nkoma awo. Nga—nga ssimanyi kya kukola. Olw'amala ne ŋŋamba kino, ne ŋŋamba nti, "Mukama, Ggwe wamumpa era Ggwe amututte, Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Nange ne bw'ontwala, era nja kusigala nga nkyakwagala."

248 Ne mmuteekako omukono gwange, ne ŋŋamba nti, "Oweebwe omukisa, mukwano. Nze Kitaawo mbadde njagala nkukuze, n'omutima gwange gwonna mbadde njagala nkukuze, era nkukuze nga oyagala Mukama. Naye Bamalayika bajja okukunona, mukwano. Kitaawo ajja kutwala omubiri gwo agugalamize mu mikono gya Maama. Nja kukuziika wamu naye. Lumu Taata alikusisinkana, ojja kugira olindirako waggulu eyo ne Maama."

249 Nnyina bwe yali nga afa, yagamba, ebigambo bye ebyasembayo bye yayogera, byali bigamba nti, "Bill, sigala nga obuulira enjiri."

250 Ne ŋŋamba nti, "Nja . . . " N'agamba . . . Nnagamba nti, "Bw'Alikomawo nga ndi mu kubuulira njiri, ndikuŋŋaanya abaana ne tusisinkana. Bwe kitaliba kityo, ndiziikibwa kumpi naawe. Era ogendanga ku mukono ogwa ddyo ogwa wankaaki

omunene, era bw'obalabanga nga bayingira, oyimiriranga n'otandika okuwoggana nti, 'Bill! Bill! Bill!' nga bw'osobola. Ndikusisinkanayo." Ne mmunywegera akasiibulo. N'okutuusa leero nkyali ku ddwaaniro. Ekyo kyaliwo kati emyaka kumpi amakumi abiri egyakayita. Nnalagaanya mukyala wange, nti ndimusisinkana.

251 N'omuwere nga amaze okufa, naye nnamutwala, ne mmugalamiza mu mikono gya nnyina, ne tubatwala mu limbo. Ne nnyimirira awo ne mpuliriza Ow'oluganda Smith, omubuulizi Omumesodisiti eyabuulira mu kuziika nga agamba nti, "Evvu mu vvu, enfuufu mu nfuufu." (Muli ne ndowooza nti, "Mutima ku mutima.") Bwatyo n'agenda.

252 Tewaayita bbanga ddene, lumu ku makya ne ntwalayo omuto Billy. Yali akyali mwana muto. Yali . . .

253 Eyo ye nsonga lwaki ambeera ku lusegere nange mmubeera ku lusegere, nnalina okubeera Taata ne Maama (byombi) gy'ali. Nga nkwata eccupa ye. Tetwalina ssente zimala kusobola kuba na muliro ekiro okusobola okubugumya amata ge, kale nga ngiteeka ku mugongo bwenti okusobola okugibugumya n'omubiri gwange.

254 Tugumidde wamu nga ab'emikwano, era lumu ku nnaku zino bwe ndiwummula egy'enjiri njagala mmukwase Ekigambo, mmugambe nti, "Genda mu maaso, Billy. Kinywerereko." Abantu abamu beewuunya lwaki mpita naye buli kiseera. Ssisobola kumuta. Kati n'obufumbo mufumbo, naye nkyajjukira mukyala wange kye yaŋŋamba nti, "Sigala naye." Era tugumidde wamu nga ab'emikwano.

255 Nzijukira bwe nnatambulanga mu kibuga, n'eccupa eyo mu nkwawa yange, n'atandika okukaaba. Lumu yali . . . twali tutambula emmanju w'ennyumba we twali twaka . . . (Nnyina bwe yali anaatera okumuzaala, bambi yali afuna obuzibu mu kussa, ate nze . . . yali akyali muwala muto bambi, nga bwe mumanyi.) Nga ntambula nva muno okudda muli okuva ku muyovu ogwali emmanju. Yali akaabira Maama we, ate nga nnali ssirina Maama wa kumutwalira. Kale nga mmusitula, ne ŋŋamba, "Ha, mukwano." Ne ŋŋamba . . .

256 N'agamba nti, "Taata, maama wange ali ludda wa? Mwamuteeka mu ttaka eryo?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, mukwano. Ali bulungi, ali wuggulu eyo mu Ggulu."

257 Kati n'abaako kye yayogera, ekyabula okunzita, olumu olw'eggulo. Yali akaaba, awo obudde nga buwungedde, nga mmuweese ku mugongo *bwentyo,* nga mmusitulidde ku kibegabega nga bwe mmusiisiitira *bwenti*. N'agamba nti, "Taata, bambi genda onone Maama omuleete wano."

Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, Maama ssisobola kumufuna. Yesu . . . "

N'agamba nti, "Kale gamba Yesu ansindikire maama wange. Mmwagala."

258 Ne ŋŋamba nti, "Kale, mukwano, nja . . . nze naawe lumu tuligenda ne tumulaba."

N'asirika, n'agamba nti, "Taata!"

Ko nze nti, "Wangi?"

N'agamba nti, "Ndabye Maama waggulu wali ku kire kiri."

259 Bannange, ekyo kaabula kata kinzite! Ne ndowooza nti, "Bannange! 'Ndabye Maama waggulu ku kire kiri.'" Kaabula kata nzirike. Kasajja kattu ne nkawambaatira mu kifuba kyange *bwenti,* omutwe gwange ne ngukoteka wansi, ne nnyingira.

260 Ennaku ne ziyitawo. Nga ssisobola kukyerabira. Ne ngezaako okukola. Nga ssisobola kuddayo waka, kuba waali tewakyali waka n'akatono. Ate nga mpulira njagala kusigala. Tetwalina kintu kyonna okuggyako obutebe obwali butaaguse, naye bwali bulamu ye nange bwe twanyumirwanga ffembiriri. Gaali maka gye tuli.

261 Era nzijukira lumu bwe nnali ngezaako okukola mu masannyalaze. Nnali ŋŋenze kutereeza waya entonotono enkadde eyali erengejja, obudde bwali ku makya nnyo. Ne mpalampa ekikondo kino. (Naye nga ssisobola kwerabira mwana wange eyafa. Mukyala wange nnali nsobola okumulaba nga afa, naye ate n'omwana oyo n'afa, ka bambi kaali kato nnyo.) Kati mba ndi eyo, nnyimba nti, "Ku kasozi ewala eri, awaasimbibwa Omusaalaba guli omuzito." Kati waya ennene z'eziva ku tulansifooma ne zifuluma ku zo ne kuyungibwako (omanyi) ziri entonotono. Kati nnali ku emu ku ezo entonotono. Ne ntunula, nga enjuba evaayo emabega wange. Kati awo, emikono gyange ne ngigolola mu ngeri y'Omusaalaba ogwo ku—ku mabbali g'akasozi. Muli ne ndowooza nti, "Weewaawo, byali bibi byange bye byamuwanisa ku musaalaba ogwo."

262 Ne ŋŋamba nti, "Sharon, mukwano, Taata ayagala nnyo okukulaba, mukwano. Nga mpulira njagala nziremu nkusituleko mu mikono gyange, ggwe kakwano kange akato ennyo." Ne nva mu mbeera. Waali waakayitawo wiiki nga ziizo. Ne nsikako ggiraavu zange. Nga ku mabbali gange kuliko waya eziyitamu amasannyalaze agaweza volotisi enkumi bbiri mu bisatu bwe ddu. Ne nsikako ggiraavu zange. Ne ŋŋamba nti, "Ai Katonda, kino ssaagalira ddala kukikola. Ndi mutiitiizi." "Wabula, Sharry, Taata agenda kukusisinkana ne Maama mu ddakiika ntono ddala okuva kati." Ne ntandika okusikako ggiraavu yange, nsobole okukwata ku waya ya volotisi enkumi bbiri mu bisatu n'engalo enjereere. Gandinkutudde . . . Omanyi, Tegakulekaamu yadde ettondo ly'omusaayi. Kati ne—ne—ne nsikako ggiraavu

eyo, naye waliwo ekyabaawo. Nnagenda okudda engulu, nneesanga ntudde awo wansi ku ttaka n'emikono gyange nga ngiwanise *bwenti*, mu maaso gange, nga nkaaba. Kyali kisa kya Katonda, oba si ekyo ssandibadde wano na lukuŋŋaana lwa kuwonyezebwa, ekyo nkikakasa. Yali akuuma kirabo Kye, so si nze.

263 Ne nsimbula okudda eka. Eby'omulimu ne mbivaako, ebikozesebwa ne mbiteeka ebbali. Ne nzirayo, ne ŋŋamba nti, "Nze ŋŋenda ka."

264 Ne ntuuka awaka, ne nkebera akabookisi k'amabaluwa awaka, nga waliwo obunnyogovu, ne nnyingira. Twalina akasenge kamu, nnali nsula ku katanda akatono awo, ate nga obunnyogovu busituse, ne sitoovu eyo enkadde. Ne nzigyayo amabaluwa ne ngatunulamu, era eriiso kwe lyasooka okugwa ze ssente za Ssekukkulu ezaali zaaterekebwa, ssente kinaana eri, "Omuwala Sharon Rose Branham." Ate, embeera eri n'ekomawo buto.

265 Nnali nkola nga alabirira mu kkuumiro ly'ebisolo. Ne mbaako we nkwata ne nzijamu emmundu yange, basitoola, okuva mu kasawo kaayo. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, si—ssikyasobola kukigumiikiriza, ndi—nfa. Ndi—ntulugunyiziddwa ekisusse." Ne nsika akakoona ak'okummundu, ne ngiteeka ku mutwe gwange, nga nfukamidde ku kasituliro ako mu kasenge ako akaali kajjudde enzikiza. Ne ŋŋamba nti, "Kitaffe Ali mu Ggulu, Erinnya Lyo litukuzibwe. Obwakabaka Bwo bujje, by'Oyagala bikolebwe," nga bwe ngezaako, ne nnyiga emmanduso eyo n'amaanyi nga bwe nnali nsobola, ne ŋŋamba nti, "mu nsi nga bwe bikolebwa mu Ggulu. Tuwe emmere yaffe eya buli lunaku." Naye emmundu n'egaana okubwatuka!

266 Muli ne ndowooza nti, "Ai Katonda, onjuzaayuza buyuzaayuza obulere? Kikyamu ki kye nkoze? Onnemesezza n'okufa." Akabundu ne nkasuula wansi, ne kabwatuka essasi ne liyita mu kisenge. Ne ŋŋamba nti, "Katonda, lwaki ssifa ne mbiwona? Ssikyasobola kweyongerayo. Oteekwa okubaako ky'onkola." Ne ngwa wansi ne ntandika okukaabira awo, ku kasituliro kange akakyafu akakadde.

267 Kati nteekwa okuba nga otulo twantwala. Ssimanyi oba nnali nneebase oba kiki ekyaddirira.

268 Bulijjo njagala okubeera eyo mu bitundu by'Ebugwanjuba. Bulijjo njagala nnyo okwambala emu ku nkoofiira ezo. Kitange yavuganga mbalaasi mu buvubuka bwe, kale nange mbaddenga njagala okwambala ku emu ku nkoofiira ezo. Era Ow'oluganda Demos Shakarian yanguliddeyo emu olunaku lw'eggulo, nga y'esookedde ddala (gye nnali nfunye) efaanana bw'etyo, emu ku nkoofiira ezo ez'omu bugwanjuba.

269 Nneeraba nga ntambula mpita mu ssamba z'eŋŋaano, nga nnyimba oluyimba olwo olugamba nti, "Nnamuziga

y'okukigaali ekutuse, ate ku ffaamu kuliko akapande nti, 'Etundibwa.'" Era nga bwe ntambula, nnalengera ekigaali ekikadde ekibikkiddwako, nga kiri nga ekigaali ky'oku ffaamu z'eŋŋaano, nga nnamuziga yaakyo emu mmenyefu. Mu buli ngeri, ekyo kyali kitegeeza maka gange agaali gamenyese. Bwe nnasembera, ŋŋenda okulaba, nga wayimiriddewo o—omuwala omuto, alabika obulungi ddala, nga wa myaka nga amakumi abiri, nga alina enviiri njeru empanvu n'amaaso aga bbululu, nga ayambadde ebyeru. Ne mmutunuulira, ne ŋŋamba nti, "Oli otya?" Ne nneeyongerayo.

N'agamba nti, "Owaaye, Taata."

270 Ne nkyuka, ne ŋŋamba nti, "Taata?" "Lwaki," ne ŋŋamba nti, "kijja kitya, Nnyabo, osobola . . . nsobola ntya okuba kitaawo nga ate kumpi twenkana obukulu?"

271 N'agamba nti, "Taata, tomanyi bumanya wa w'oli."

Ne ŋŋamba nti, "Kiki ky'otegeeza?"

272 N'agamba nti, "Lino Ggulu." N'agamba nti, "Ku nsi, nze nnali kawalako ka Sharon."

"Kijja kitya," ne ŋŋamba nti, "mukwano, wali okyali kaana kawere."

273 N'agamba nti, "Taata, abaana abawere tebasigala nga bawere erudda eno, bafuna obuwangaazi era tebafa. Tebakaddiwa yadde okukula."

274 Ne ŋŋamba nti, "Kale, Sharon, mukwano, oli—oli mukazi omuto alabika obulungi."

N'agamba nti, "Maama akulindiridde."

Ko nze nti, "Ali ludda wa?"

N'agamba nti, "Waggulu mu maka go amapya."

275 Ko nze nti, "Amaka amapya?" Babranham mmomboze, tebaba na maka, babeera . . . Ne ŋŋamba nti, "Naye, ssibeerangako na maka, mukwano."

276 N'agamba nti, "Naye eno waggulu olinayo amaka, Taata." Ssigenderera kweyisa nga mwana muto, naye kya nnamaddala nnyo gyendi. [Ow'oluganda Branham akaaba—Omuk.] Bwe ntandika okubirowoozaako, byonna mpulira nga bikomawo. N'agamba nti, "Eno olinayo amaka, Taata." Mmanyi nti nninayo amaka, lumu ndigenda ngabeeremu. N'agamba nti, "Mwannyinazze, Billy Paul ali ludda wa?"

277 Ne mmugamba nti, "Mbadde, mmulese wa Muky. Broy, eddakiika ntono eziyise."

N'agamba nti, "Maama ayagala kukulaba."

278 Ne nkyuka ndabe, ne ndaba embiri ennene ennungi ennyo, n'Ekitiibwa kya Katonda nga kyakayakana okuzeetooloola. Ne mpulira kkwaya ya Bamalayika nga eyimba nti, "Amaka

gange, Amaka amalungi." Ne ntandika okwambuka amadaala amawanvu, nga nziruka nga bwe nsobola. Bwe nnatuuka ku mulyango, nga ayimiridde awo, ayambadde ekyambalo kyeru, n'enviiri ze enzirugavu, empanvu, ezigwa ku mugongo. N'ayimusa emikono gye, nga bwe yakolanga bulijjo bwe nnakomangawo nga nkooye okuva ku mulimu oba awalala. Ne mmukwata emikono, ne ŋŋamba nti, "Mukwano, ndabye Sharon wansi eri." Ne ŋŋamba nti, "Yakula n'afuuka muwala alabika obulungi, si bwe kiri?"

279 N'agamba nti, "Weewaawo, Bill." N'agamba nti, "Bill." Nanteekako emikono gye, (n'agamba) ku bibegabega byange, n'atandika okumpembejja, n'agamba nti, "Lekera awo okutweraliikirira nze ne Sharon."

Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, ssisobola kukyebeera."

280 N'agamba nti, "Kati Sharon nange tuli bulungi okukusinga." N'agamba nti, "Lekera awo okutweraliikirira. Onsuubiza nti onaakikola?"

281 Ne ŋŋamba nti, "Hope," ne ŋŋamba nti, "Mbadde muwuubaavu ku lulwo n'olwa Sharon, ne Billy akukaabira buli kiseera." Ne ŋŋamba nti, "Ssimanyi kya kumukolera."

282 N'agamba nti, "Kijja kuggwa, Bill." N'agamba nti, "Ggwe nsuubiza nti tojja kuddamu kweraliikirira." N'agamba nti, "Tootuuleko wansi?" Ŋŋenda okutunula ebbali awo nga waliwo entebe ennene ennungi ennyo.

283 Era nzijukira nga edda nnali nnagezaako okugula entebe. Kati, nga mmaliriza. Lumu nnagezaako okugula entebe. Twalina zino—zino entebe eza bulijjo ezaalinanga olubaawo wansi ezaaliirwangako. Twalinanga kukozesa ezo, kubanga ze zokka ze twalina. Kati twasobola okugulayo emu ku ntebe zino ze weesigamyanga omugongo, nga . . . nneerabidde ekika ky'entebe eyo ey'olugalaamirizo. Yali ku ddoola kkumi na musanvu, nga osobola okusasulako ddoola ssatu ezisooka ne ddoola emu emu buli wiiki eddirira. Kati twafunayo emu. Era, ha, bwe nnakomangawo . . . Nnakolanga olunaku lwonna, nga mbuulira okutuusa ku ssaawa mukaaga ez'ekiro ku nguudo na buli wamu gye nnasobolanga okubuulirira.

284 Kati—kati lumu nnayosa ne nnemererwa okusasula ssente ze nnali nteekwa okusasula. Nga embeera tetusobozesa, ekyo ne kibeerawo buli lunaku lwe nnali nnina okusasulirangako, era kyaddaaki lumu ne bajja entebe yange ne bagitwala. Ekiro ekyo, ssirikyerabira, mukyala wange yanfumbira ppaayi y'ebibala. Mukazi wattu, ya—ya—yakimanya nti nja kuwulira bubi. Kati oluvannyuma lw'ekyeggulo ne mmubuuza nti, "Kiki ekikufudde omulungi ennyo ekiro kino, mukwano?"

285 N'agamba nti, "Omanyi, nnatumyeyo ku bavubuka b'oku kyalo ne bakusimirayo ku nsiriŋŋanyi ez'okulobesa

ebyennyanja. Olowooza tetwandigenze ku mugga ne tulobayo ku byennyanja?"

Ko nze nti, "Kituufu, naye . . . "

286 Awo n'atandika okukaaba. Nnamanyirawo nti waliwo ekikyamu. Nnali nsobola okuteebereza kubanga baali bansindikira okulabulwa nti baali banaatera okujja okuginona. Ate nga twali tetukyasobola kusasula ddoola emu buli wiiki. Nga tetukisobola, tetwa . . . nga tetusobola kuzifuna. N'ampambaatira, ŋŋenda okugenda ku mulyango okulaba nga entebe yange yalugenze.

Kati n'aŋŋamba Waggulu eri, n'agamba nti, "Bill, ojjukira entebe eri?"

Ko nze nti, "Yee, mukwano, ngijjukira."

N'agamba nti, "Gy'obadde olowoozaako, si kye kyo?"

"Weewaawo."

287 N'agamba nti, "Naye, eno yo tebajja kugitwala, eno yasasulirwa." N'agamba nti, "Tuulako wansi eddakiika, njagala kwogerako naawe."

Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, kino ssikitegeera."

288 N'agamba nti, "Njagala onsuubize, Billy, nsuubiza nti tojja kuddamu kweraliikirira. Ogenda kuddayo kati." N'agamba nti, "Nsuubiza nti tojja kweraliikirira."

Ne ŋŋamba nti, "Ekyo ssisobola kukikola, Hope."

289 Amangu ago ne nzira engulu, nga enzikiza ekutte mu kisenge. Ne mmagamaga, nga mpulira omukono gwe gunkutteko. Ne ŋŋamba nti, "Hope, oli wano mu kisenge?"

290 N'atandika okunsiisiitira. N'agamba nti, "Ogenda kunsuubiza ekisuubizo ekyo, Bill? Nsuubiza nti tojja kuwasa . . . manyanga tojja kuddamu kweraliikirira nate."

Ne ŋŋamba nti, "Nkusuubiza."

291 Kati bwe yaddamu okunsiisiitira emirundi nga ebiri oba esatu, n'abulawo. Ne nsituka mangu ne nteekako ettaala ne nnoonya buli wamu, nga agenze. Naye yava buvi mu kisenge awo. Teyagenda, akyali mulamu. Yali Mukristayo.

292 Nze ne Billy twagenda ku malaalo wano emabegako, nga atutte obumuli aka maama we n'aka mwannyina, ku makya ga Paasika, ne tuyimirira awo. Kasajja kattu ne katandika okukaaba, ne kagamba nti, "Taata, maama wange ali wansi eyo."

293 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, mukwano. Nedda, tali wansi eyo. Ne mwannyoko tali wansi eyo. Wano ku nsi tulinawo entaana enzigale, naye emitala w'ennyanja eri waliyo entaana enzigule Yesu mwe yazuukira n'ava. Era lumu Alijja, era Alijja ne Mwannyoko ne Maama wo."

294 N'okutuusa leero nkyali ku ddwaaniro, ab'emikwano. Si—ssikyasobola kwogera bisingako awo. Ndi. . .[Ow'oluganda Branham akaaba—Omuk.] Katonda abawe omukisa. Leka tukoteke emitwe gyaffe eddakiika emu.

295 Ai Mukama! Emirundi mingi, Mukama, nkakasa abantu tebakitegeera, bo balowooza nti ebintu bino bimala gajja mu ngeri ennyangu. Naye waliwo olunaku olukulu olujja Yesu bw'alijja era ennaku eno yonna esangulwewo. Nsaba, Kitaffe Ow'omuggulu, otuyambe tubeere beetegefu.

296 Era ekisuubizo ekyo ekyasembayo, bwe nnamunywegera ku ttama ku makya g'olunaku olwo, nti lumu ndimusisinkanayo. Nzikiriza nti aliba ayimiridde ku mpagi eyo, nga awoggana bw'ayita erinnya lyange. Ekisuubizo ekyo nkituukirizza okuva ku olwo, Mukama, okwetoolola ensi yonna, mu bitundu ebya buli ngeri, nga ngezaako okubatwalira Enjiri. Kati nga ŋŋenda nkaddiwa, nnyenjebuse, era mpeddemu endasi. Olumu ku nnaku zino ndibikkako Bayibuli eno omulundi gwange oguliba gusembayo. Era, Katonda, nkuumira mu bwesigwa eri ekisuubizo ekyo. Nkuumiraako ekisa Kyo nga kinneetoolodde, Mukama. Leka nneme kutunuulira bintu bya bulamu buno, wabula mbeewo ku lw'ebintu ebiri emitala. Nnyamba mbeere mwesimbu. Ssisaba nti ebintu bimbeerere byangu, nedda, Mukama, nga ate Kristo wange yafiira mu kubonaabona. Era n'abasigadde bonna bwe batyo bwe baafa. Ssisaba kintu kyonna ekyangu. Wabula nsobozesa okubeeranga omwesimbu, Mukama, ow'amazima. Leka abantu banjagale nsobole okubaleeta gy'Oli. Era lumu byonna bwe biriggwa ne tukuŋŋaanira wansi w'emiti emirungi, egitojjera olubeerera, njagala mmukwate ku mukono mmutambuzeeko, mmulage abantu ba Angelus Temple n'abalala bonna. Kaliba kaseera kanyuvu ku olwo.

297 Nsaba okusaasira Kwo kubeere ku buli omu ku ffe wano. N'abo abali wano, Mukama, abayinza okuba nga Ggwe tebakumanyi. Nga oba oli awo waliwo omwagalwa waabwe gwe balina emitala w'ennyanja eyo. Bwe baba tebatuukirizanga kisuubizo kyabwe, leka bakituukirize kaakano, Mukama.

298 Nga emitwe gyaffe tukyagikotese, ssimanyi oba mu kizimbe kino ekigazi bwekiti olw'eggulo luno, oba bameka mu mmwe abagamba nti, "Ow'oluganda Branham, nange, njagala nsisinkane abaagalwa bange. Nni—nni—nninayo abaagalwa emitala w'omugga eyo"? Oba oli awo wakola ekisuubizo nti olibasisinkana, oba oli awo bwe wasiibula Maama nti "weeraba" engulu eri ku ntaana ku olwo, oba bwe wagamba Mwannyoko nti "weeraba," oba Taata, oba abalala bonna ku ntaana, wabasuubiza nti olibasisinkana, naye nga to—tokolanga nteekateeka eyo. Olowooza si kye kiseera ekituufu kaakati okukikola?

299 Munsonyiwe olw'okutendewalirwa. Naye, ha, bannange, tokitegeera butegeezi, ow'omukwano. Tomanyi ssa—ssaddaaka ki eyetaagisa! Ebyo tebiwera yadde akatonnyeze, kumpi, ku byafaayo by'obulamu bwange.

300 Bameka ku mmwe abandyagadde okusituka okujja wano okusaba, nga bagamba nti, "Njagala nsisinkane abaagalwa bange"? Situka mu kibiina ojje wansi wano. Onaakikola? Bwe wabaawo atannakola kweteekateeka okwo. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Ndaba wavaayo omusajja omuddugavu akuliridde, n'abalala nga bajja. Mweggyeeyo, mmwe abali ku myaliiro egya waggulu eyo, muyitire ddala mu lukuubo. Oba muyimirire, mmwe abaagala okujjukirwa mu kusaba kaakati. Ky'ekyo. Muyimirire ku bigere byammwe. Ekyo kirungi. Yimirira, wonna w'oli, ggwe agamba nti, "Emitala eri nninayo kitange, emitala eri nninayo mmange oba omwagalwa wange. Njagala ŋŋendeyo mmulabe. Njagala mmusisinkane mu mirembe." Situka, yimirira ku bigere byo, wonna w'oli mu kibiina. Yimirira ku bigere byo, ogambe nti, "Njagala kukkiriza."

301 Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa emabega wali. Naawe akuwe omukisa waggulu awo. Mukama akuwe omukisa, ssebo. Ky'ekyo. Waggulu ku mwaliiro, Mukama abawe omukisa. Okwetooloola wonna, buli wamu, muyimirire ku bigere byammwe tusabe, nga Omwoyo Omutukuvu ali wano era nga bw'akoma ku mitima gyaffe, oku—oku—okugimenyemenya.

302 Omanyi, ekkanisa kye yeetaaga leero kwe kumenyebwamenyebwa. Twetaaga okuserengeta ku Nnyumba y'Omubumbi. Eby'eddiini ebisomerere ebikakanyavu bye twekoledde ebiseera ebimu tebikola bulungi. Kye twetaaga kwe kumenyeka okw'enkola enkadde, okwenenya mu mitima gyaffe, n'okugonda mu maaso ga Katonda. Abo be bokka abeetegese kaakati okuyimirira?

Kale leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

303 Ai Mukama, Ggwe eyakomyawo Yesu olwa . . . okuva mu bafu, okutuggyako omusango ffenna olw'okukkiriza, nga tukkiriza. Nsaba, Mukama, nti bano abayimiridde kati ku bigere byabwe okukukkiriza Ggwe, nsaba ekisonyiwo kibaweebwe. Era, Ai Mukama, nsaba bakukkirize nga Omulokozi era Kabaka era Omwagalwa waabwe, era oba oli awo balina maama oba taata oba muntu omulala yenna emitala w'ennyanja. Waliwo kimu ekikakafu nti, balina Omulokozi. Leka basonyiyibwe ebibi byabwe, n'obujeemu bwabwe bwonna busangulwewo, emmeeme zaabwe zisobole okunaazibwa mu Musaayi gw'Omwana gw'endiga, era babeere mu mirembe okuva kaakano okweyongerayo.

304 Era olunaku lumu olw'ekitiibwa nga byonna bikomye, tukuŋŋaanire mu Nnyumba Yo, tubeere omwo nga amaka ag'enjawulo agataayawukanyizibwa, okusisinkana abaagalwa baffe abatulindiridde ku ludda luli. Bano, tubawaayo gy'Oli, kubanga "Onoomukuumanga mu mirembe emijjuvu oyo eyeesigamya omutima gwe ku Ye." Kituwe, Mukama, nga bwe tubawaayo gy'Oli. Mu Linnya ly'Omwana Wo, Mukama waffe Yesu. Amiina.

305 Katonda abawe omukisa. Nkakasa nti abakebezi balaba we muyimiridde, era bagenda kubatuukako mu ddakiika ntono ddala.

306 Kati eri abo abagenda okufuna kkaadi z'ab'okusabirwa. Billy, Gene ne Leo bali ludda wa, bali mabega? Bali wano okugaba kkaadi z'ab'okusabirwa mu ddakiika ntono ddala. Ow'oluganda leka asiibule ekibiina n'okusaba, olwo kkaadi z'ab'okusabirwa ziryoke zigabibwe. Ŋŋenda kukomawo wano mu kaseera katono nnyo, okusabira abalwadde. Kale, ow'oluganda.

Ebyafaayo By'Obulamu Bwange LUG59-0419A
(My Life Story)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande olw'eggulo, nga 19 Apuli, 1959, mu Angelus Temple mu Los Angeles, California, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org